Ekitongole kya GIZ nga kikwatidde wamu ne Minisitule y'Ebyettaka, Amayumba n'okukulaakulanya ebibuga (MLHUD) kiri mu kussa mu nkola kaweeefube w'okulongoosa ebyenfuga y'ettaka mu Uganda, (ILGU) kisobozese abalimi baamufuna mpola, abakolera ku ttaka ery'obwannannyini erya mmayiro, okufuna amaanyi mu mirimo gyabwe. Enteekateeka eno evujjirirwa ensimbi okuva mu mawanga ageegattira mu mukago gwa Bulaaya ne gavumenti ya Bugirimaani era y'emu ku biruubirirwa bya Uganda eby'okukulakulanya ettaka mu ngeri ey'obuvunaanyizibwa eyitibwa RELAPU. Enteekateeka eno egenderera okumalawo enjala mu nsi ewagirwa Minisitule ne gavumenti ya Bugirimaani evunaanyizibwa ku kwegatta mu byenfuna n'enkulakulana eya BMZ. Ekigendererwa ekikulu eky'enteekateeka eno kwe kwongera okuleetawo embeera y'emmere emala, okusitula omutindo gw'obulamu n'okukendeeza ku bwavu mu balimi bamufunampola n'abantu abalala abakozesa ebyobugagga obwensibo, naddala abakozi n'abantu abalala abatafiibwako abasangibwa mu bitundu by'amasekkati ga Uganda.

## **Enteekateeka ya ILGU essira erissizza ku miramwa esatu;**

- i. Okwongera okutereeza enkola n'emitendera egigobererwa mu mateeka mu kufuna eddembe ly'obwannannyini mu masekkati ga Uganda.
- ii. Okwongera amaanyi mu bantu ababulijjo n'ebitongole mu kussa mu nkola amateeka ag'okukulakulanya ettaka mu ngeri ey'obuvunanyizibwa.
- iii. Okwongera okuyigiriza bamusiga nsimbi mu by'obulimi n'ebitongole ebiwola n'okutereka ensimbi ku nsonga y'okukulakulanya ettaka mu ngeri ey'obuvunaanyizibwa nga etambulira ku mutindo gw'ensi yona n'amateeka agafuga ettaka mu ggwanga. Olwokuba nga enteekateeka eno y'esoose, ab'ekitongole kya GIZ ne ILGU bateeseteese okussaawo olukalala lw'abebibanja mu magombolola agamu okuva mu disitulikiti ye Mubende ne Mityana.

Ekigendererwa ky'okubala abantu oba kwe kwagala okumanya obunene bw'ettaka okuli abebibanja n'ebifa ku nsalo z'ettaka eryo. Omulimo guno gujja kukolebwa mu mitendera ebiri.

Omutendera ogusooka mujja kubeeramu aboomuliraano okukebera ekibanja n’abantu abalala aboomukitundu, era singa wabeerawo enkaayana ku nsalo z’ettaka, walina okubaawo okutabaganya mu mangu ddala.

Omutendera omulala guzingiramu abantu bangi era gulimu okukunnya ensonga ezavaako enkaayana. Abeeubuzibwako baba bawerako olw’ensonga zino;

- i. Buli alina obwannannyini ku ttaka aba alina okwetaba mu nteeseganya ezikwata ku ttaka nga eryo.
- ii. Emitendera egigobererwa girina okukakasibwa Akakiiko k’ettaka ak’omukitundu.
- iii. Enkaayana ezibeerawo zigonjoolwa mu ngeri y’okutabaganya, oba si ekyo ensonga ezivaako enkayaana, zitegezebwa abantu bonna.
- iv. Ensonga zonna ezifa ku ttaka erikaayanirwa zitimbibwa okumala omwezi mulamba abantu b’omu kitundu ne baziraba era buli alina ky’awakanya akiwaayo.

Kalonda yenna akunanyizibwa ajja kussibwa mu Kompyuta eneesobozesa okusunsulamu amakubo agayinza okugobeerwa oluvannyuma lw’okuteeseganya n’okutabaganya, era bino biba birina okukakasibwa mu butongole Ab’akakiiko k’ettaka ak’okukitundu.

Bannanyini ttaka erya mmayiro basanyukidde nnyo enkola eno ey’okukunnya kalonda yenna akwata ku ttaka olw’okubanga kibawa ekifaananyi ekituufu ekikwata ku ttaka; era n’abeebibanja nabo enkola eno balaze nti bagyagala olw’okuba nga ebawa kalonda yenna akwata ku ttaka, nga kuno kwe bajja okusenziira okuteesa ku bikwata ku byokunyweza eddembe ly’obwannannyini bw’ekibanja; okussaawo olukalala luno kijja kwongera okunyweza obwannannyini ku ttaka kubanga luba lumanyiddwa abafuzi b’omu kitundu n’abantu bonna abalina akakwate ku ttaka (nnanyini ttaka n’abeemiriraano).

Etteeka erifuga ettaka mu ggwanga erya NLP lissizzaawo engeri endala bannanyini ttaka lya mmayiro n’abeebibanja gye bayinza okukkaanya oluvannyuma lw’enteeseganya, era engeri ezo ze zino; okugula/okwegula, okugabana ettaka, okugaba n’okugula liizi ssaako okufuna ebbaluwa y’obusenze ebinnyonyola mu bufunze ku ngeri ezo bye bino:

1. Okwegula ku nnanyini ttaka lya mmayiro. ESSUULA ky’ekibanja kikubiddwa okumanya obunene bwakyo, gye kisangibwa n’omuwendo gwakyo. ESSUULA kya mmayiro

kyonna tekyetaagisa kugulwa olwokubanga ESSUULA ekigulwa kiba tekimalayo ttaka lyonna . mu ngeri y'emu singa obwannanyini bw'ekibanja bubeera na bwakuwandiisibwa ng'obuwolezo ku ttaka lya mmayiro, obuwolezo obwo bulina kukoma ku nsalosalo za kibanja. Kino kiba kireetawo emirembe mu kugulana ku kitundu ky'ettaka eritaliiko babibanja (okutundako, okusinga mu bawozi b'ensimbi, okusibako liizi oba okugabako).

2. Enkola ey'okugabana ettaka Abeebibanja basobola okukkiriza ne bawaayo ESSUULA ku bibanja byabwe ESSUULA ekisigaddewo ne baweebwamu obwannanyini bw'ekyapa kya mmayiro. Enkola y'okugabana ettaka eyinza okusibwa mu nkola singa wabeerawo enteesaganya ezikolebwa nga zeesigamiziddwa mu kumanya ebituufu ebikwata ku ttaka. Ebifa ku ttaka nga obunene bwalyo, ettaka gye lisangibwa, ebikoleddwa ku ttaka bisobola okutegeerekeka mu kukuŋŋaanya ebifa ku ttaka eryo kasita kiba nga tekitwala biseera na nsimbi nnyingi ku njuuyi zombi.
3. Nnannyini ttaka lya mmayiro ayinza okuwa liizi ku ttaka; asatulwa ensimbi okumala ekiseera ekimanyiddwa. Endagaano ya liizi ewandiikibwa, era ekyapa kya liizi ne kiweebwa ow'ekibanja. Kiba kyetaagisa okumanya obunene bw'ettaka n'ekifo gye lisangibwa kisobozese okusalawo omusolo ogujja mu ttaka eryo, n'ensimbi z,obupangisa ezirina okusasulwa okusenziira ku nkyukaakyuka y'omuwendo gw'ensimbi. Omutendera guno gugobererwa okuggyako nga nnannyini ttaka yafa, era nga tewali balabirira bintu bye.
4. Tulowooza nti enkola eno esobola okukozesebwa ne mu bitundu ebirala okumalawo emiteeru egy'enjawulo wakati w'abeebibanja ne bannannyini ttaka. Okuwandiisa ebifa ku bwannanyini bw'ebibanja kiwa omukisa enjuuyi zombi okuteesaganya mu ngeri y'obwerufu.
5. Nnannyini ttaka n'owekibanja basobola okukkiriziganya ku kyokufuna ebbaluwa y'obusenze.
6. Kino kyetaagisa okumanya ow'ekibanja mu butongole, n'obunene bw'ekibanja kye . Ow'ekibanja asaba okuweebwa ennaluwa y'obusenze ng'ayitira mu nnannyini ttaka, era ekibanja kye kirambibwa ab'akakiiko k'ettaka ak'omukitundu.
7. Olukiiko lw'ettaka owa disitulikiti bwe lumala okukakasa okusaba kw'owekibanja, olwo ebbaluwa y'obusenze efulumizibwa omuwandiisi w'ebiwandiiko.
8. Emitendera gino gyonna gyetaagisa okumanya poloti ne Bbulooka y'ettaka lya mmayiro

ne nnannyini ttaka ly'ekyapa. Ebiwandiiko bya nnannyini kibanja birina okukakasa awatali nkenyera ESSUULA ky'ekibanja we kisangibwa ku ttaka lya mmayiro n'olukusa olumuweereddwa nnannyini ttaka.

# Ebigambo Ebifunziddwa

ALC	=	Akakiiko k’ettaka ak’omu kitundu (Area Land Committee)
ADR	=	Engeri endala ez’okugonjoola enkaayana (Alternative Dispute Resolution)
CAO	=	Kkaawo (Chief Administrative Officer)
COO	=	Ebbaluwa y’obusenze (Certificate of Occupancy)
DLB	=	Olukiiko lw’ettaka olwa disitulikiti (District Land Board)
FC	=	Ebbaluwa ey’enkomerero (Final Certificate)
GIZ	=	
ILGU	=	Enkola y’okulongoosa enfuga y’ettaka mu Uganda (Improvement of Land Governance in Uganda)
KCCA	=	Ekitongole ekifuga ekibuga ekikulu mu Uganda ekya Kampala (Kampala Capital City Authority)
LC	=	Olukiiko olufuga ESSUULA (Local Council)
MLHUD	=	Minisitule y’ettaka, Amayumba n’okukulaakulanya ekibuga (Ministry of Lands, Housing and Urban Development)
MZO	=	Offiisi z’ettaka ezigatta Disitulikiti
NLP	=	Etteeka erifuga ettaka
RDC	=	Diisi
RTA	=	Etteeka erifuga okuwandiisa ebyapa
SACCO	=	Ekibiina ly’okutereka ensimbi n’obwegassi.

# Ebiri mu kitabo

Okwebaza.....	v
Ebyanjula .....	vi
Ebyabawandiisi.....	viii
Ebigambo ebifunziddwa.....	xii
Amakulu g’ebigambo.....	xvi

## ESSUULA 1: ENKYUKAAKYUKA EZIZZE ZIBAAWO KU TTAKA LY’OBWANNANNYINI ERYA MMAYIRO

Ennyanjula .....	1
Endagaano ya Buganda eya 1900.....	1
Abantu 1000 abaganyulwa mu ttaka .....	1
Okukuba ettaka lya mmayiro .....	2
Eby’okwewandiisa n’eby’ekyapa ku ttaka lya mmayiro .....	7
Etteeka ly’okuwandiisa ebyapa by’ettaka erya 1908.....	7
Etteeka ly’okuwandiisa ebyapa by’ettaka erya 1922.....	8
Enkukaakyuka mu byapa okuva mu mizingo gy’empapula okudda mu nkola ya Bbulooka ne Poloti .....	9
Akatambi akalaga ebyapa .....	10
Ebyapa eby’omuwoofiisi .....	10
Ekiragiyo kya 1975 ekyaggyawo ettaka lya mmayiro .....	11
Okuzzaawo obwannannyini ku ttaka lya mmayiro mu Ssemateeka wa 1995.....	11

## ESSUULA 2 : EBIKWATA KU NFUGA Y’OBWANNANNYINI BW’ETTAKA ERYA MMAYIRO

Ennyanjula .....	13
Engeri ez’enjawulo omutu z’ayitamu okufuna obwannannyini ku ttaka erya mmayiro...	13
Okusikira ettaka lya mmayiro.....	14
Okugula ettaka ku nnyini ttaka ery’ekyapa.....	14
Okugula ettaka okuva ku kkooti .....	15
Okugula ettaka okuva ku muntu awoze ensimbi .....	16

Okugula ettaka okuva ku muntu akuuma eby’obugagga by’omuntu eyaggwaamu .....	18
Okugula ettaka lya mmayiro okuva ku kitunzi wa kkooti .....	18
Okukyuusa ettaka erigabibwa ng’ekirabo .....	18
Woofiisi ezivunaanyizibwa ku ttaka .....	20
Ekitebe kya minisitule y’ebyettaka .....	21
Woofiisi y’omukungu avunaanyizibwa ku by’obugagga by’abafu .....	21
Woofiisi za minisitule ez’ebitundu ebigatta disitulikiti.....	22
Omukungu wa disitulikiti akulira eby’okukuba ppulani .....	22
Woofiisi za disitulikiti ez’ettaka .....	23
Woofiisi za disitulikiti ez’abapunta .....	24
Omukungu disitulikiti avunaanyizibwa ku by’ettaka .....	26
Olukiiko lwa disitulikiti olufuga eby’ettaka.....	26
Obukiiko bw’omubitundu obuvunaanyizibwa ku by’ettaka .....	26
Omuwandiisi .....	26
Akakiiko akafuzi ku ddala I, II ne III .....	27

### **ESSUULA 3 : OMUSENZE OMUTUUFU MU MATEEKA NE KYESENZA**

Enkyukaakyuka ezizze zibaawo ku basenze abeebibanja .....	28
Amakulu ga’omusenze omutuufu .....	29
Amakulu ga kyesenza .....	30
Amakulu g’abapangisa ku ttaka .....	31
Amakulu g’abasalimbira ku ttaka .....	31
Okufuna obwanannanyini bw’ekibanja ku ttaka lya mmayiro .....	35
Okusikira ettaka ly’ekibanja .....	35
Okugula ettaka ly’ekibanja .....	35
Okufuna ekibanja ng’ekirabo .....	35
Okusazaamu obwannannyini ku ttaka lya mmayiro .....	35
Okufuna obwannannyini ku ttaka lya mmayiro .....	37
Okuva ku ttaka .....	38
Okuggyawo obwannannyini bw’ekibanja olw’obumwnyi bw’amateeka .....	39



**ESSUULA 4 : EDDEMBE N’OBUVUNAANYIZIBWA BWA  
BANNANNYINI TTAKA ERYA MMAYIRO N’AB’EBIBANJA ..... 43**

Eddembe lya nnannyini ttaka erya mmayiro .....	43
Obuvunaanyizibwa bwa nnannyini ttaka erya mmayiro .....	43
Eddembe ly’omusenze ow’ekibanja .....	45
Emirimu n’obuvunaanyizibwa by’ow’ekibanja/omusenze .....	47
Eddembe lya nnannyini ttaka n’abebinja ery’okutesaganya .....	47
Okugabana ettaka .....	50
Engeri y’okusalasala mu ttaka lya mmayiro (Engeri y’okugulana egobeererwa minisitule y’Amayumba n’Ettaka n’okukulaakulanya ebibuga) .....	52
Ow’ekibanja ne ngeri gy’afunamu liizi .....	53
Emitendera gy’okukwatamu omuntu eyeewanjamyanya ku ttaka.....	53

**ESSUULA 5 : EBYALIIZI KU TTAKA ERY’OBWANNANNYINI ERYA  
MMAYIRO ..... 54**

Amakulu ga liizi .....	54
Engeri y’okussa liizi ku ttaka .....	54
Eddembe n’obuvunaanyizibwa bw’abantu abali ku lizi .....	55
Endagaano ezifuga liizi .....	56
Amateeka agamanyiddwa bulijjo nga si mawandiike .....	56
Okusazaamu liizi ku ttaka .....	56
Ekiseera kya liizi okuggwaawo .....	57
Okuwaayo ettaka erya liizi ku ttaka .....	57
Okugatta obwannannyini ku ttaka .....	58
Okuzza obuggya liizi .....	58

**ESSUULA 6 : OKUSIKIRA EDDEMBE LY’OBWANNANNYINI KU  
TTAKA LYA MMAYIRO N’ERY’ABEBIBANJA ..... 60**

Abantu abaganyulwa mu byobusika .....	62
Omukazi/omusajja .....	62
Abaana .....	63
Abantu abalabirirwa .....	64

Omusika mu musaayi .....	64
Emitendera gy’okusikira eddembe ly’obwannannyini bw’ettaka lya mmayiro .....	64
Okusikira omuntu atalesse kiraamo kiwandiike .....	66
Emitendera gy’okusikira eddembe ly’abebibanja .....	69

## **ESSUULA 7: OKUGONJOOLA ENKAAYANA KU TTAKA**

### **LY’OBWANNANNYINI ERYA MMAYIRO .....70**

Ennyanjula ku bikwata ku nkaayana ez’enjawulo .....	70
Enkaayana wakati wa bannannyini ttaka lya mmayiro .....	72
Enkaayana wakati wa bannannyini ttaka lya mmayiro n’abeebinja .....	72
Enkaayana wakati w’abebibanja .....	72
Engeri ez’enjawulo ez’okumalawo enkaayana .....	73
Emitendera gy’okugenda mu kkooti .....	73
Kkooti ez’enjawulo .....	73
Emitendera gy’okuwoza mu kkooti .....	75
Emitendera gy’okuwaba emisango mu kkooti .....	75
Engeri z’okumalawo enkaayana nga tukozeza abafuzi .....	77
Engeri endala ezikozesebwa okumalawo enkaayana .....	77
Okutawulula .....	77
Okuteesaganya, okuwooyawooya n’okutabaganya .....	78

## **ESSUULA 8: OKUKUUMA EDDEMBE LY’ABAKAZI**

### **N’ABANTU ABALALA ABATALINA MWASIIRIZI KU TTAKA**

### **ERY’OBWANNANNYINI ERYA MMAYIRO .....79**

Obukuumi bw’abantu abatalina mwasirizi mu Ssemateeka .....	79
Obukuumi obwannannyini mu tteeka ery’ettaka .....	81
Engeri z’okumalawo enkaayana .....	83

ESSUULA “A” EKISOOKEDDWAKO EKIRAGA OBUKULEMBEZE MU KITONGOLE EKIVUNAANYIZIBWA KU TTAKA, AMAYUMBA N’OKUKULAAKULAANYA EBIBUGA

ESSUULA EKIKOOKEDDWAKO “B” EKIRAAMO

ESSUULA “C” 1 EKI KOOKEDDWAKO EKIRAGA EKIFAANANYI KY’EKYAPA KYA WOOFIISI EKI KWATA KU TTAKA ERY’OBWANNANNYINI ERYA MMAYIRO

ESSUULA “C” 2 EKI KOOKEDDWAKO EKIRAGA EKYAPA EKI WEEBWA NNANNYINI TTAKA ERYA MMAYIRO

ESSUULA “D” EKI KOOKEDDWAKO KIRAGA EBBALUWA Y’OBUSENZE

ESSUULA “E” EKI KOOKEDDWAKO KIRAGA FFOOMU EKOZESEBWAMU KUKYUUSA ETTAKA

# AMAKULU G'EBIGAMBO

## Engabana y'ettaka

Okuwa omuntu yiika z'ettaka erya mmayiro nga bwe kiragibwa mu Ndagaano ya Buganda eya 1900. Omuntu eyaweebwa ettaka, ayitibwa Omuntu eyagabana ettaka.

## Bakungu

Abakungu ba Kabaka abavunaanyizibwa ku byobufuzi mu Bwakabaka bwa Buganda.

## Bataka

Abakulu b'Ebika n'Abamasiga mu Buganda bayitibwa Bataka. Ettaka okwatuulanga Abakulu b'Ebika lyayitibwanga Butaka.

## Batongole

Bano baami ba Kabaka ab'omutendera ogwa wansi. Obwannannyini bw'ettaka bwali bwatekebwa mu mikono gy'Abaami abamu mu Bwakabaka bwa Buganda.

## Ekyapa ky'ettaka eritannakubwa

Kino ky'ekyapa eky'omu Woofiisi eky'ettaka eritannakubwa era nga terimanyiddwa bugazi bwalyo. Kiriko omuko gumu ogwa bbululu. Ettaka bwe limala okukubwa omuko gwa bbululu gukyusibwa ne gufuulibwa omweru.

## Kyesenza

Ono ye muntu eyali ku ttaka lyonna Ssemateeka nga tannatandika kukola, ng'alikoleddeko ebintu, oba ng'alikulaakulanyizza okumala emyaka 12; oba okusukkawo, nga nnannyini ttaka eyeewandiisa oba omusigire we tebamunyegangako; oba nga yassibwako Gavumenti oba omusigire wa Gavumenti nga mw'otwalidde n'aboobuyinza mu kitundu ekyo. Omuntu yenna kyesenza gwe yaguza, oba gwe yawa obuyinza olwobwetaavu bwe ku ttaka, naye anaatwalibwa nga kyesenza.

## Eddembe ly'okukozesa ettaka ly'omuntu omulala

Eddembe eriweebwa nnannyini ttaka okuba n'olukusa lw'okukozesa ettaka ly'omuntu omulala, okugeza okuba n'eddembe ly'okukozesa ekkubo, eddembe ly'okufuna amazzi oba empewo y'obulamu.

### Omuntu okufa ng'alesse ekiraamo

Embeera y'omuntu okufa n'aleka Obuwandiike ku ngaba y'ebintu bye ekkirizibwa mu mateeka.

**Busuulu:** Ensimbi ezisasulwa oweekibanja buli mwaka eri nannyini ttaka

### Ebyokuwandiisa n'eby'okufuna ekyapa ky'ettaka

Eno y'engeri y'okufuna ekiwandiiko ekikakasa obwannannyini ku ttaka. Ekiwandiiko kino kiyinza okuba ekyapa ky'ettaka oba ebbaluwa y'obusenze.

### Eddembe ly'okuyita mu ttaka.

Waliwo eddembe eriweebwa nannyini ttaka okuyita mu ttaka ly'omulala, okugeza okuyita mu kkubo, okugenda okukima amazzi bino tebikugirwa.

### Envujjo

Ensimbi omusenze ze yawanga nnannyini ttaka nga ziva mu by'alimidde ku kibanja kye.

### Omuntu aweereddwa obuyinza okussa ekiraamo mu nkola

Omuntu alina obuyinza okussa mu nkola ebiri mu kiraamo

### Kabaka

Omufuzi wa Buganda ow'ennono, era y'akulira Abataka ne Abakulu b'Ebika bonna, kyava ayitibwa *Ssaabataka*.

### Kibanja

ESSUULA ky'ettaka omusenze kw'abeera era kw'alimira emmere.

### Omusenze omutuufu mu mateeka

Ono ye muntu ali ku ttaka nga yalisengako mu tteeka lya Busuulu n'Envujjo erya 1928 eryaggyibwawo, oba mu Tteeka lya Tooro erifuga nnannyini ttaka n'omusenze erya 1937. oba mu tteeka lya Ankole erifuga nnannyini ttaka n'omusenze erya 1937, oba omuntu eyajja ku ttaka nga nnannyini ttaka eyeewandiisa y'amuwadde olukusa nga mw'otwalidde omuguzi, n'omuntu eyabeera ku ttaka ng'owweekibanja ku ttaka ery'ennono naye ng'obusenze bwe tebulagiddwa oba nga tebuliyiriddwa nnannyini ttaka eyeewandiisa mu kiseera we yafunira ekyapa ky'obwannannyini ku ttaka erya liizi.

Obuyinza bwa kkooti obuweebwa omuntu okulabirira ebyobugagga by'omugenzi ataaleka kiraamo

## Lukiiko

Ekibiina ky'abakiise mu Buganda abakuŋŋaana okuteesa. Edda baalinanga obuyinza okuyisa amateeka n'okufuga Obwakabaka bwa Buganda.

## Akatambi

Akatambi akalaga ebiwandiiko mu ngeri esobozesa okubitereka obulungi nga tebyonooneka. Obutambi obuli mu Minisitule y'Ebyettaka, Amayumba n'Okukulaakulanya Ebibuga bukwata ku biwandiiko by'ebiyapa ebikadde ebyaggalibwawo

## Namasole

Nnyina wa Kabaka.

Obuyinza bwa kkooti obuweebwa omuntu alagiddwa mu kiraamo okukissa mu nkola Obuyinza bwa kkooti obuweebwa omuntu alagiddwa okutandika okulabirira ebintu by'omugenzi nga bwe biragibwa mu kiraamo.

## Okunoonyereza ku by'ekyapa

Okusaba okuweebwayo eri Omuwandiisi w'ebiyapa okusobola okumanya ebifa ku ttaka eriri mu buwandiike. Okusaba kuno kuyinza okuba ku kumanya ani nnannyini ttaka, obunene bw'ettaka n'okumanya oba waliwo enkaayana ku kyapa eri mu buwandiike.

## Asaalimbira ku ttaka / Omwewanjani ku ttaka

Omuntu abeera ku ttaka eritali lirye nga talina lukusa era nga tawa na busuulu.Omuntu ono abeera musenze atagoberera mateeka.

## Omuntu okufa nga talesse kiraamo

Omuntu okufa nga talaamyee, oba ng'obuwandiike bw'alesse ku ngaba y'ebintu bye tekkirizibwa mu mateeka.

## Ekyapa ky'ettaka erikubiddwa

Kino ky'ekyapa kyennyini eky'ettaka lya mmayiro erikubiddwa. Kirina omuko gumu nga mweru.

## Ekiraamo

Obuwandiike omuli engaba y'ebintu by'omuntu afudde.

# ENKYUKAAKYUKA EZIZZE ZIBAAWO KU TTAKA LYA MMAYIRO


## Ennyanjula

1. Ettaka lya Mmayiro lya njawulo nti lisangibwa mu diisitulikiti za Uganda ezaakolanga Obwakabaka bwa Buganda mu mwaka gwa 1900.
2. Endagaano ya Buganda eya 1900 nga tennakolebwa, ettaka mu Buganda lyali mu bwannannyini obw'ennono. Abakulu b'Ebika n'Abamasiga be baalina obuyinza ku ttaka ly'Ebika oba Obutaka. Abakungu n'Abatongole nabo baalina obuyinza ku ttaka okwakolerwanga emirimu gyabwe emitongole egyabakwasibwa Kabaka (*Obutongole*).

## Endagaano ya Buganda eya 1900 ekwata ku ttaka

3. Uganda yafuuka ettwale erikumibwa Bungereza mu mwaka 1894 Africa bwe yali egabanyizibwa obufuzi bw'amatwale. Etteeka ly'ettaka, eryagenderera okunyweza enfuga ya Gavumenti enkuumi esobole okweyimirizaawo mu byenfuna, lyakolebwa wakati wa Gavumenti y'Abangereza Enkuumi n'Abakuza ba Kabaka abaali bakwasiddwa obuyinza okukulembera Obwakabaka bwa Buganda. Endagaano ya Buganda eya 1900 yassibwako emikono wakati wa Sir Harry Johnston, Kamisona eyakiikirira Nnaabakyala wa Bungereza, n'Abakuza ba Kabaka awamu n'Abakungu abaakiikirira Uganda. Endagaano eno yali ekwata ku nsonga eziwerako ez'ebyobufuzi, ebyemisolo, ebyamagye n'ebirala. Endagaano eno yali ekwata nnyo ku nsonga y'ettaka.

## Mmaapu 1: Engabanya y'obwannannyini bwe'ttaka mu Uganda





National Capital	:	Ekibuga kye Ggwanga ekikulu
District Headquarters	:	Ekitebe kya Diisitulikiti
Other Land Offices	:	Woofiisi z’ettaka endala
Regional Land Offices	:	Woofiisi z’ettaka ez’Ebitundu
Lakes	:	Ennyanja
Freehold, Leasehold, Customary	:	Obwannannyini obwenkomeredde, Obwaliizi, Obwennono
Mailo	:	Ettaka lya mmayiro
Native Freehold	:	Obwannannyini obwenkomeredde ku ttaka erisangibwa mu Bugwanjuba bwa Uganda

4. Mu kawaayiro 15 ak’Endagaano, kyali kirowoozebwa nti Obwakabaka bwa Buganda bwali ku ttaka eriweza mmayiro 19,600. Ettaka lino lyayawulwamu ebitundutundu bya mmayiro ne ligabibwa bwe liti: Gavumenti ya Uganda yaweebwa mmayiro z’ettaka 10,500; Kabaka yaweebwa mmayiro z’ettaka 350; Abakungu ba Kabaka, Namasole, Abalangira n’Abambejja, Abaami Abamasaza n’Abalangira abalala bonna baaweebwa mmayiro z’ettaka 320; Abakuza ba Kabaka baaweebwa mmayiro z’ettaka 96; Mbogo Omukulembeze w’Enzikiriza y’Obuyisiraamu n’Ebibina by’Abaminsane ebisatu n’abaami 1000 abalina ettaka eryabwe ery’obwannannyini bonna awamu baaweebwa mmayiro z’ettaka 8000. Engeri ettaka eryo gye lyagabanyizibwamu, eragiddwa mu kitundu ‘A’ ekikookeddwako. Mmayiro 8000 eziragiddwa mu katundu ‘xv’ akali mu kitundu ‘A’ ekikookeddwako ze z’abantu abalina obwannannyini ku ttaka lya mmayiro, era y’ensonga ekitabo kino kwe kisizza essira. Ebikwata ku ngabanya y’ettaka eryo biragiddwa mu lukangaga wammanga:

## Olukangaga 1: Kisimbuddwa mu ndagaano ya Buganda eya 1900.

	<b>ENGABANA Y'ETAKA N'AMAYUMBA</b>	<b>MMAYIRO</b>
i	Ebibira bijja kuteekebwa wansi wa Gavumenti ya Uganda	1,500
ii	Ettaka okutalimwa kantu lijja kussibwa mu mikono gya Gavumenti ya Nnaabakyala wa Bungereza nga Gavumenti ya Uganda y'erivunaanyizibwako.	9,000
iii	Ettaka okuli ennimiro n'ebyobugagga bya Ssaabasajja Kabaka wa Buganda	350
iv	Ettaka okuli ennimiro n'ebyobugagga bya Nnamasole	16
v	Ettaka okuli ennimiro n'ebyobugagga bya Nnamasole wa Ssekabaka Mwanga	10
vi	Ettaka ly'Abalangira: Joseph, Augustine, Ramazan ne Yusuf Ssuuna: Buli omu ku abo yaweebwa mmayiro 8 ez'ettaka.	32
vii	Ery'Abambejja ne bannyina ba Kabaka	90
viii	Abaami Abamasaza abawera amakumi abiri. Buli omu yaweebwa mmayiro z'ettaka 8 nga zize.	320
ix	Ettaka okukolerwa emirimu emitongole egy'Abamasaza. Buli mwami yaweebwa mmayiro 8 kw'alina okukolera	160
x	Abakuza ba Kabaka abasatu bajja kuweebwa mmayiro 16 buli omu	48
xi	Ettaka okukolerwa emirimu emitongole egy'Abakuza ba Kabaka. Buli Mukuza wa Kabaka ajja kuweebwa mmayiro 16 kw'alina okukolera. Ettaka lino lijja kulabirirwa Woofiisi z'Abakungu ba Buganda Abasatu oluvannyuma	48
xii	Omukulembeze w'Abasiraamu Mbogo n'abagoberezi be bajja kuweebwa mmayiro	24
xiii	Kamuswaga w'e Kooki ajja kuweebwa mmayiro	20
xiv	Abaami lukumi nga be bannannyini ttaka kwe bakolera ebyobugagga bwabwe bajja kuweebwa ettaka eryo kwe bali mmayiro 8 buli omu; olwo bonna awamu ze mmayiro 8000	8,000
xv	Ebibina by'Abaminsane ebisatu mu Uganda bijja kuweebwa okulabirira Ettaka ly'Ekkanisa n'Ekkereziya za Bannansi eriweza mmayiro	92
xvi	Ettaka okuli ebitebe bya Gavumenti ng'endagaano tenakolebwa (Kampala, Ntebe, Masaka n'awalala).	50
	<b>Omugatte</b>	<b>19,600</b>

5. Oluvannyuma lw'okugabana mmayiro z'obwannannyini eziwera 8,000, ettaka eryasigalawo lyagabibwa Kamisona eyali akiikirira Nnaabakyala w'e Bungereza, eyalina obuyinza ku Uganda. Yaligaba ng'akozesa ekiwandiiko kye yafulumya nga 13 Okitobba 1900 bw'ati:

## Olukangaga 2: Kisimbuddwa mu ndagaano ya Buganda eya 1900.

Engabanya y'ettaka n'amayumba	Mayiro
xviii Kabaka	100
Xix Katikkiro	26
Xx Mugwanya	23
Xxi Kisingiri	20
Xxii Mbogo	4
Xxiii Namasole	10
Xxiv Lubuga	5
Xxv Abambejja	10
	<b>198</b>
Xxvi Ssekiboobo n'abaami 14 baweereddwa mmayiro	79
Xxvii Mukwenda n'abaami b'atwala 14 Baaweereddwa mmayiro	78
Xxviii Pookino n'abaami b'atwala 14	78
Xxix Kangaawo n'abaami b'atwala 14	57
Xxx Kaggo n'abaami b'atwala 8	42
Xxxi Obwa Mugema abaami 18 - -	52
<b>Abamasaza ago n'abaami be batwala abaafuna ettaka baali 82 era baagabana mmayiro endala 386</b>	<b>386</b>
Xxxii Obwa Kayima n'abaami 9 baatwala mmayiro	31
Xxxiii Obwa Luweekula n'abaami 12 baatwala	32
Xxxiv Obwa Kyambalango n'Abaami 8 b'akulembera nabo	22
Xxxv Obwa-Kiyimba n'abaami 7 b'akulembera baweereddwa mmayiro	14

Engabanya y'ettaka n'amayumba			Mayiro
Xxxvi	Obwa Kamuswaga	Abaami 15 bawereddwa mmayiro	5
Xxxvii	Obwa Kimbugwe	Abaami 8 bawereddwa mmayiro	22
Xxxviii	Obwa Lumama N'abaami be 7 baafuna		13
Xxxix	Obwa Kweba	Abaami 6	14
Xl	Woofiisi ya Muteesa	Abaami 6	14
Xli	Obwa Mbuubi	Abaami 6	14
Xlii	Obwa Mulondo	Abaami 7	14
Xliii	Obwa Kitunzi	Abaami 6	14
Xliv	Obwa Katambala	Abaami 5	9
Xlv	Obwa Kasujju	Abaami 5	9
Xlvi	Abamasaza		189
Xlvii	Ettaka lya mmayiro ly'Abaami b'Amagombolola		613
Xlviii	Ssaabasajja Kabaka n'Abakungu be		198
Xlix	Abaamasaza		189
L	Abeggombolola		613
<b>Omugatte</b>			<b>1,000</b>

### Okusunsula abaaganyulwa mu ttaka lya mmayiro abawera olukumi

6. Omulimu gw'okusunsula abaaganyulwa mu ttaka lya mmayiro abawera olukumi n'ebifo ettaka lye baagabana gye lisangibwa lisobole okukubwa ,gwaweebwa Olukiiko lwa Buganda mu Ndagaano ya Buganda eya 1913.Endagaano eno yassibwako omukono Sir Fredrick John Jackson ,Gavana wa Gavumenti Enkuumi ya Uganda, ne Abakuza era Abakungu ba Buganda nga 24 August,1913.
7. Endagaano eno yalongoosebwamu ng'essibwamu akawaayiro akakakasa nti walibeerawo okwongera okutereeza mu ttaka eririba likubiddwa ne lisangibwa nga lyayitamu oba nga teriwerwa nga bwe kyali kirambikiddwa mu kipimo ekiba kyafulumizibwa ekitaali kyalubeerera.Wassibwawo ekiseera ekigere ekyali eky'okutereerezaamu ettaka eryali liyitiridde, oba eryali litawera mu bipimo by'ettaka eryagabanibwa.

## **Okukuba Ettaka ly'Obwannannyini erya Mmayiro**

8. Olukiiko lwa Buganda lwategeka, era ne lukakasa enkalala za bannannyini ttaka. Okusinziira ku nkalala zino bannannyini ttaka lya mmayiro baweebwa Ebbaluwa z'obwannannyini okuva ewa Gavana eziraga nti be baali bannannyini ttaka awatali kutataganyizibwa. Newaakubadde ekyo kyali bwe kityo, Ebbaluwa y'obwannannyini okuva ewa Gavana eraga obuyinza bwa bannannyini ttaka lya mmayiro yaggyibwawo, ne bassaawo enkola ey'ekyapa ekyekiseera ekigere (ekitali kya mirembe n'emirembe), kyokka era enkola y'ekyapa eky'ekiseera ekigere teyalambika bulungi kika ky'obuyinza bwa nnannyini ttaka lya mmayiro bwe yalina. Ettaka lya Bannannyini ttaka, abaaweebwa ebyapa by'ekiseera ekigere, oluvannyuma lyasalibwa ne lipimibwa abapunta ba Gavumenti Enkuumi.

## **Ebyokuwandiisa ettaka lya mmayiro**

9. Etteeka erifuga n'okulaga amakulu g'ettaka ly'obwannannyini erya mmayiro, eryali likubibwa n'okugabwa mu Buganda, lyafulumizibwa mu 1908. Lino lye lyali Etteeka ly'Obwannannyini ku Ttaka erya 1908. Nnannyini w'ettaka lya mmayiro yalina obuyinza obwenkomeredde ku ttaka lye emirembe n'emirembe, era ng'alina obuyinza okutundako, oba okugabako, oba okuliraamira omuntu nga bwe yayagalanga. Waaliwo amateeka agakugira okuguza abagwira ettaka okuggyako ng'agula alina olukusa okuva ew'Omukulembeze w'eggwanga n'Olukiiko Olufuga Ebyettaka

## **Etteeka erikwata ku kuwandiisa Ebyapa erya 1908**

10. Oluvannyuma lw'okukuba ettaka eryalagibwa mu Bbaluwa y'ettaka ey'ekiseera, nnannyini ttaka yaweebwa Ebbaluwa y'obwannannyini eyenkomerero. Mu kusooka kyali kisuubirwa nti Ebbaluwa z'ettaka ezenkomerero, ku ttaka ly'obwannannyini erya mmayiro, ziriwandiisibwa mu tteeka ly'Okuwandiisa Ebiwandiiko ebyenjawulo erya 1904, kyokka lino lyaggyibwawo Etteeka ly'okuwandiisa Ebyapa erya 1908. Ebbaluwa ez'enkomerero eziraga obwannannyini ku ttaka lya mmayiro zaawandiikibwa mu Tteeka ly'okuwandiisa ebyapa erya 1908. Kino kyakolebwa oluvannyuma lw'okwetegereza ettaka lyonna eryakubibwa. Olukalala olulaga Ettaka lya mmayiro ery'obwannannyini lwaggulibwawo, era Ebyapa ebyafulumizibwa ku lukalala luno byatekebwa ku miko egiri mu mizingo. Buli mizingo gwalimu emiko okukubwa ebyapa 25.

## Etteeka ly'Okuwandiisa Ebyapa erya 1922

11. Etteeka ly'Okuwandiisa Ebyapa erya 1908 lyasikirwa Etteeka ly'Okuwandiisa Ebyapa erya 1922 eryassibwa mu nkola okutandika mu 1924,nga lino lye likyakozesebwa mu Uganda ku nsonga zonna ez'okuwandiisa ettaka.Okusinziira ku tteeka lino, obuyinza bw'okufulumya obwannannyini ku kyapa ky'ettaka bukuumibwa Gavumenti ng'ekozesa enkola ey'okuwandiisa ekyapa ekyo.

Enkola y'okuwandiisa ebyapa yakwasibwa omukungu wa Gavumenti, Kamisona avunaanyizibwa ku kuwandiisa Ebyapa by'Ettaka, era ono alondoola emirimu egikolebwa mu Woofiisi za minisitule z'ettaka ezisangibwa e Mukono, Bukalasa, Kampala (KCCA), Mityana, Masaka ne Fort Portal. Mu buli Woofiisi zino mulimu Omuwandiisi w'Ebyapa afulumya ebyapa n'okuwandiisa ebikwata ku kugulana okubeerawo ku ttaka.

12. Weetwogerera nga waliwo Woofiisi endala ez'Ekitongole ekikola ku ttaka n'amayumba ezigguddwawo e Wakiso, Mbarara, Kabale, Jinja, Lira, Masindi, Kibaale. Woofiisi endala zijja kuggulibwawo e Mbale, Gulu, Arua, Mpigi, Mityana, Soroti, Moroto ne Rukungiri mu myaka ebiri egijja mu maaso.
13. Mu nkola eno ey'okuwandiisa ebyapa,Olukalala lw'ebyapa ebyafulumizibwa n'ebirala ebikwata ku ttaka luumibwa. Olukalala luno lulimu ebitundu bisatu: ESSUULA ekimu kinyonnyola ebikwata ku ttaka (nnamba ya poloti, obunene bw'ettaka n'ekifo gye lisangibwa).ESSUULA ekyokubiri kiraga nnannyini ttaka;ekyokusatu kiraga abantu abalala abalina obwogerero ku ttaka eryo.Buli kyapa ky'ettaka kirina okubaako obubonero obulaga ensalo z'ettaka.
14. Etteeka lirambika engeri ez'enjawulo ez'Olukalala lw'ebyapa ng'era Ebika ebikulu biri mu ngeri bbiri.Waliwo Olukalala lw'ebyapa olwesigamizibwa ku bbulooka ne poloti z'ettaka.Engeri endala ey'olukalala ya kuba n'Omuzingo omuli emiko gy'ebyapa.Ettaka lya mmayiro bwe lyali lyakawandiisibwa mu Lukalala olupya,ebyapa ebyafulumizibwa byali mu ngeri ya miko egisabikiddwa mu muzingo.Ettaka eryali lyawandiisibwa mu Tteeka lya 1908 lyali lirina okuwandiisibwa obuggya mu lukalala olupya.Emitendera gy'okuddamu okuwandiisa ebyapa ebyo gyaligitwaliramu okuggyawo Olukalala lw'ebyapa bya 1908, nga kino kyetaagisa okufulumya ebyapa ebiggya eri bannannyini byapa ebyafulumira mu Lukalala oluka+dde.Noolwekyo ebyapa byonna ebikadde ebyakubibwa ng'omwaka 1924 tegunnatuuka tebikyakola okusinziira ku Tteeka eririwo.

15. Woofiisi ekola ku byettaka, ekuuma ekyapa ky'ettaka eryakubibwa emanyiddwa nga Ekyapa kya Woofiisi ,ate ye nnannyini ttaka aweebwa kkopi ey'okubiri, esinga okumanyibwa bulijjo ng'ekyapa kya nnannyini ttaka.Singa ekyapa kya woofiisi kibula, omuwandiisi w'Ebyapa asobola okukubisa kkopi y'ekyapa kya woofiisi endala.Singa ekyapa kya nnannyini ttaka kibula,addamu n'asaba Omuwandiisi w'ebyapa ekyapa ekirala. Omuntu asaba, alina kusooka kulanga mu kitabo kya Gavumenti ekiranga ebibuze ng'assaamu ekirango ekimala ennaku asatu,olwo n'alyoka aweebwa kkopi y'ekyapa ekifaananako n'ekyabula.
16. Ebyapa byonna birina okubaako omukono gw'Omuwandiisi w'Ebyapa n'envumbo ekola ku byapa emanyiddwa mu butongole. Buli woofiisi y'ebyettaka yaweebwa envumbo emanyiddwa, kisobozese okukendeeza ku muze gw'okugingirira ebyapa.

### **Engeri y'okukyusa ebyapa ebiri mu mizingo n'emiko gy'empapula bizzibwe mu nkola eya Bbulooka oba Poloti.**

17. Mu kusooka,Olukalala lw'amannya ga bannannyini ttaka lwakuumirwanga Ntebe, naye bwe lwawanvuwa olw'okweyongera kw'ettaka eriwandiisibwa, wassibwawo Woofiisi z'ebyettaka e Mukono, Bukalasa, Masaka, Mityana n'e Fort Portal. Enkola ey'okukuumira olukalala lw'ebyapa ebiri ku miko gy'empapula eziri mu mizingo yali tekyali nnungi oluvannyuma lw'obuyinza okubussa mu Woofiisi ez'enjawulo. Ekyokubiri,ettaka ly'obwannannyini erya mmayiro lyali lyawuddwaamu ebitundu bingi, ng'omulimu nagwo guyitiridde ogw'okufulumya ebikumi n'ebikumi by'ebyapa mu miko n'emizingo.
18. N'olwensonga ezo,kyasalibwawo okuva mu myaka gya 1940 okukyusa Olukalala lwa bbulooka ne poloti z'ettaka zibeere nga ziraga ebitundu ettaka mwe lyali lisangibwa. Noolwekyo, ekyapa kya woofiisi n'ekyapa kya nnannyini ttaka byakyusibwa ne bassaako Bbulooka ne Poloti ya buli kyapa, olwo ebyapa eby'emiko n'emizingo, ne biggyibwawo n'okusazibwamu.Wabula olw'ensobi mu kukuba ettaka,waliwo Bbulooka 7 ezitaakyusibwa ,gamba Kyaddondo Bbulooka 78 e Banda, Bbulooka 148 ne 149 e Wamirongo,Bbulooka 186 e Namavunda ne Bbulooka 213 e Bukoto; Bbulooka 204 mu Busiro- Kakiri ne Bbulooka 476 e Bulwanyi.Ettaka ly'obwannannyini erya mmayiro lyonna mu Buganda lyakyusibwa ne lizzibwa mu byapa ebiraga Bbulooka ne Polooti ,era ebyapa ebyali ku nkola enkadde ey'emizingo ebikyali mu bantu abamu tebikyakola mu mateeka.

### Akatambi akalaga ebiwandiiko mu ngeri esobozesa okubitereka obulungi.

19. Mu kaweeefube w'okukuuma ebyafaayo by'ensonga z'ettaka n'okwetegekera ebiseera ebyakabenje, ebyapa byassibwa ku katambi. Ebyapa byonna ebiriwo byassibwa ku katambi nga tebinnakyusibwa kuva mu nkola y'emizingo okubizza mu nkola ya Bbulooka ne Polooti. Kyokka akatambi kalaga ebyakwatibwa obutasussa mwaka 1962; noolwekyo ebyapa bya Bbulooka ne Polooti byo tebikwatibwanga ku katambi akalaga ebyettaka.
20. Olwokuba akatambi kalaga ebyakwatibwa okutuusa mu mwaka 1962; ebyapa bya bbulooka ne polooti mu myaka egyaddako byo tebikwatibwanga ku katambi akalaga ebyettaka. Noolwekyo akatambi tekalaga biriwo kati ku lukalala. Omuntu ayagala okumanya obukulu bw'ensonga ezifa ku ttaka alina kukebera ku lukalala oluliwo olulaga bbulooka ne polooti.

### Ekyapa kya Woofiisi ku ttaka eritannakubwa

21. Nawaakubadde ng'empapula z'ekyapa kya Woofiisi njeru okufaanana ng' ezabulijjo, ebyapa ebimu ddala bikubibwa nga biri mu mpapula za bbululu. Ekyapa ekiri mu mpapula za bbululu kiba kiraga nti ettaka eriragibwa mu kyapa liba terinnaggwa kukubwa mupunta. Embeera eno eva ku kulwawo okwaliwo mu kukuba ettaka lya mmayiro ery'obwannannyini mu myaka amakumi asatu egyasooka okuva mu 1900.
22. Olw'okulwawo ennyo ng'ebyapa tebifulumiziddwa ku baagabana mmayiro z'obwannannyini, abamu baafa nga tebafunye byapa byabwe ebiraga nti be baali bannannyini. Olukiiko lwa Buganda lwalina okusalawo anaasikira ettaka eryo ng'oluusi kyetaagisa n'okwawuza mu ttaka liri eryasooka. Ekirala, bangi ku baagabana ettaka lya mmayiro baatandika okutundako, nga mw'otwalidde n'ettaka lye baabanga basikidde. Mu nkomerero, abaagula oba abaafuna ku ttaka lya mmayiro mu ngeri ezo, baatandika okuwandiisa obwannannyini bw'ettaka lya mmayiro erikubiddwa mu yiika z'ettaka.
23. Okwawuza mu ttaka kuno olwokuba kwalinga tekukubiddwa mupunta, tewaali ayinza kufulumya kiwandiiko ne kissibwako omukono, wadde okufulumya ekyapa ku ttaka eryali litakubiddwa. Akawaayiro mu Tteeka erifuga ebyapa kassibwawo okusobola okugonjoola obuzibu obwo. Akawaayiro kaali kakkiriza okuwa Ekyapa ku bitundutundu by'ettaka eritaali kkube. Bino by'ebyapa ebyafulumizibwa mu kkopi eza Woofiisi. Kino kyaleetawo embeera ng'ESSUULA ky'ettaka ekimu kiriko bannannyini abasukka mu 20 nga bonna bakaayanira poloti emu oba zeezimu. Kino kyaleetawo ebyapa ebyenjawulo ku



ttaka nga lye limu, naye nga bannannyini ttaka ly'obwannannyini erya mmayiro nga nabo banjawulo. Mu ngeri nnyingi bannannyini ttaka ab'enjawulo baali basenze ku ttaka eryo lye baayitanga ery'obwannannyini. Naye oluvannyuma lw'okukuba ettaka ly'ESSUULA buli nnannyini ttaka w'ali,ekyapa ekyasooka eky'ettaka eritaakubibwa, kisazibwamu ne bafulumya ekipya ekya nnannyini, ku muko omweru, ku ttaka eriba likubiddwa, ekyapa ekiggya kiweebwa nnannyini kitundu ky'ettaka erikubiddwa.Singa omuntu ayagala okugula ettaka ly'ekyapa ky'ettaka eritannakubwa, kirungi asooke yeekenneenye akakase oba ddala ettaka ly'ayagala gye liri, era teriiko kyapa ekyafulumizibwa nga kiriko obwannannyini, oba omuntu omulala yenna ng'alirinako obwannannyini.

### **Ebyaliwo mu 1975 nga bigenderera okuggyawo obwannannyini bw'Ettaka lya mmayiro**

24. Mu 1975 waaliwo okwagala okuggyawo obwannannyini bw'ettaka mu Uganda. Ekiragiyo ky'okuddamu okutereeza eby'ettaka ekya 1975 kyalimu ennyingo 1(I) eraga nti ettaka lyonna mu Uganda lyali lya lukale, era lyassibwa mu Kakiiko ka Uganda ak'ebyettaka. Mu nnyingo S.2 ey'ekiragiyo, kaggyawo obwannannyini bw'ettaka lya mmayiro n'obwannannyini obw'enkomeredde ku ttaka. Ekiragiyo kyassaawo obwannannyini ku ttaka erya liizi ey'emyaka 99 ku bantu abaali balyagala,ate liizi ya myaka 199 ku bitongole bya Gavumenti. Ettaka ly'obwannannyini erya liizi lyali lirina okugoberera obukwakkulizo okusinziira ku nkulaakulana eyateekebwateekebwa mu buli kitundu.
25. Nawaakubadde ng'enkyukakyuka ssinziggu mu byamateeka zaayisibwa, naye nno tewaali kyakolebwa mu kussa mu nkola ekiragiyo ky'okuddamu okutereeza ettaka. Ekitongole ekikola ku kuwandiisa ettaka tekyakyusa byapa bya bwannannyini bw'ettaka erya mmayiro okulizza mu byapa by'obwannannyini obwa liizi,era ekitongole ekyo kyayongera okukola ku nsonga z'ettaka nga kikozeza olukalala lw'ettaka ly'ebyapa eryobwannannyini erya mmayiro. Gavumenti nayo terina kye yakolawo ku ky'okussaawo obukwakkulizo bw'okukulaakulanya ebitundu, nga yeesigama ku Ttaka ly'obwannannyini erya liizi eryali lirina okugobererwa. Embeera bw'eti bwe yali okutuusa Ssemateeka wa Uganda owa 1995 lwe yakolebwa.

### **Okuzzaawo Obwannannyini bw'ettaka lya mmayiro mu Ssemateeka wa 1995**

26. Waaliwo okukubaganya ebirowoozo kw'amaanyi Akakiiko akaabaga Ssemateeka akaakulemberwa Omulamuzi Benjamin Odoki bwe kaali kakunjaanya ebirowoozo

by'abantu wakati wa 1988-1993. Okukubaganya ebirowoozo kweyongera mu Lukiiko lw'Ababaka Olukola Ssemateeka, era oluvannyuma baasalawo ne bassa Etteeka nnamba 237(1) mu Ssemateeka eryazza obwannannyini bw'ettaka mu Bannansi ba Uganda, nga bagoberera obwannannyini bw'ettaka obulambikiddwa mu Ssemateeka. Obumu ku bwannannyini obwogerwako mwe muli obwannannyini bw'ettaka erya mmayiro. Akawaayiro ka Ssemateeka kano kalaga bulungi ebirina okugobererwa ku bwannannyini bw'ettaka lya mmayiro eryali litankanibwa oluvannyuma lw'okuyisa Ekiragiro ky'okuddamu okutereeza eby'ettaka ekya 1975.

27. Nawaakubadde ng'ekyo kyali bwe kityo, okuzza ettaka lya mmayiro kyakomawo nga kiriko ebigambo ebiggya ebya "omusenze amannyiddwa mu mateeka" ne "Kyesenza" ebyogerwako mu bitundu ekyokusatu, ekyokuna, ekyokutaano n'ekyomusanvu mu kitabo kino. Abasenze bano abali ku ttaka lya mmayiro kati bamannyiddwa mu mateeka. Naye mu katundu aka 43 ak'Etteeka erifuga Ebyettaka mu Ggwanga, kiragibwa nti tewali mirembe na butebenkevu mu nkolagana wakati wa bannannyini ttaka n'abeebibanja. Kiri mu nkola ya Gavumenti okulaba nti egonjoola emivuyo egiriwo mu bwannannyini bw'ettaka n'eddembe lya buli akolera ku ttaka erya mmayiro (Kino kiragibwa mu katundu aka 44 ak'Amateeka Agafuga Ettaka mu Ggwanga).

## ENKOLA ERINA OKUGOBERERWA KU TTAKA LY'OBWANNANNYINI ERYA MMAYIRO

28. Mu ssuula esooka, kiragiddwa nti bannannyini ttaka lya mmayiro baali tebasukka 1300, era okusinga baali balangira n'abambejja, abakungu, abaami n'abantu abaali balina ku ttaka kwe bakolera emirimu gyabwe. Nga wayise ekiseera, enkumi n'enkumi z'abantu baafunye obwannannyini ku ttaka lya mmayiro. Ettaka lino mu kusooka kwaliko Baganda nga be basingako, naye we twogerera ng'abantu abalala bangi abatali Baganda nabo baligula, era nga bakyaligula, olwo nabo ne baba n' obwannannyini bw'ettaka erya mmayiro. Mu kitundu kino tujja kulaba engeri y'okufunamu n'okuwandiisa obwannannyini ku ttaka lya mmayiro.

### Engeri z'okufuna Obwannannyini ku ttaka lya mmayiro

29. Nga bwe kyalagiddwa mu kitundu ekisooka, bangi ku baagabana baafa ng'ettaka lyabwe terinnakubwa bapunta, wadde okulifulumya mu kyapa. Kino kyaleetawo abantu bannannyini ttaka lya mmayiro nga basikira lisikire. Bangi ku baalisikira baamala ne baafuna ebyapa era ne bakozeza n'ettaka nga bakyalibalamu, okugeza nga batundako, oba okugabirako abalala. Mu kitundu kino, tujja kulaba engeri z'okufunamu obwannannyini bw'ettaka erya mmayiro.

## Okusikira Obwannannyini bw'Ettaka lya mmayiro

30. Nnannyini ttaka lya mmayiro bw'afa,abantu b'omu nju ye bayinza okusikira ettaka lye okusinziira ku tteeka ly'obusika mu Uganda. Abantu abateekwa okugabana ku byobugagga kuliko nnamwandu. oba omusajja afiiriddwa mukazi we, abaana b'omugenzi awatali kusosolamu, n'abejjanda abalala ababa balabirirwa. Etteeka erikwata ku busika n'engeri zonna omuntu z'ayitamu okusikikira obwannannyini bw'ettaka lya mmayiro zoogerwako mu bujjuvu mu kitundu ekyokutaano.

## Okugula ettaka okuva ku nnannyini ttaka alina ekyapa

31. Eno y'enkola ya bulijjo ey'okukyusa obwannannyini ku ttaka ly'ekyapa, era yakyeyagalire. Okukyusa kikolebwa nnannyini ttaka erya mmayiro ng'assa omukono ku mpapula ezikyusa, ng'alizza mu mannya g'omuguzi. Empapula ezikyusa ziyinza okussibwako omukono omuntu akiikirira nnannyini ttaka, bw'aba n'ebbaluwa emukkiriza okukola ekyo. Mu ngeri y'emu, omuntu agula naye asobola okufuna amukiikirira n'amusizzaako omukono ku mpapula ezikyusa ekyapa. Omutunzi n'omuguzi w'ettaka bateekeddwa okussaako omukono nga waliwo abajulizi<sup>1</sup>. Waliwo kati n'enkola eteekeddwa okugobererwa ey'okuweereza obufaananyi bw'enjuuyi zombi ew'Omuwandiisi w'Ebyapa.

32. Ensonga ereetera okukyusa obwannannyini bw'ekyapa nayo erina okulagibwa nga bwe kirambikiddwa mu nnyingo 92(1) ey'Etteeka Erifuga Okuwandiisa Ebyapa. Bwe ziba nsimbi nkalu, omuwendo gwazo gulina okulagibwa mu ffoomu esaba okukyusa ekyapa. Bwe biba bisolo, birina okulagibwa okugeza:” *ente munaana*”” *ziweereddwayo okufuna poloti nnamba 20 eri e Katawa LC IA esangibwa e Mubende*”. “Omukwano n'okwagalana” nayo nsonga eyinza okuviirako okukyusa ekyapa. Singa okugula kukwata ku kitundu kyattaka, nnannyini ttaka abeera ajja kussa omukono ku ffoomu, eziwa omupunta w'ettaka obuyinza obw'okukuba ettaka n'okwawuzaako ekitundu ekitundiddwa.

33. Amateeka gakkiriza nnannyini ttaka okulikyusa n'alizza mu mannya g'Omukyala oba musajja we. Amateeka era gakkiriza nnannyini ttaka okulikyusa n'afulumya obwannannyini obulala mu mannya ge ku ttaka lye limu, oba n'alizza mu mannya g'omuntu omulala yenna. Engeri eno nnannyini ttaka aba asizzaawo obwannannyini bw'abantu babiri ku ttaka lye. Ebiri mu kugatta obwannannyini ku ttaka biragibwa mu kiwandiiko ekifuga okukyusa ekyapa ky'ettaka. Ebiba bikkaanyiziddwa abantu abeegasse mu bwannannyini


<sup>1</sup> Ennyingo 147 ey'Etteeka ery'Okuwandiisa Ebyapa eraga abantu abateekeddwa okukola ng'abajulizi okugeza *Bannamateeka, abasawo, maneja wa bbanka, omusumba w'ekkanisa, Oweggombolola n'omukozi wa Gavumenti.*

bw'ettaka bissibbwa mu ndagaano y'okukyusa ettaka, era ebyakkaanyizzibwako bissibwa ku kyapa kyabwe. Ekyokulabirako:Dawudi Mukasa alina obwannannyini bwa kimu kya kusatu, ng'ate Mukyala we Jane Mukasa, ye alina bibiri bya kusatu ku bwannannyini.

### Okugula Ettaka okuva ku Kkooti

34. Kkooti bw'esala omusango, eyinza okusalira oluuyi olusingiddwa omusango okusasulira oluuyi oluwangudde omusango omuwendo gw'ensimbi.Singa abanjibwa alemererwa okusasula,kkooti ekozesa obuyinza bwayo n'eragira okutunda ebyobugagga by'omuntu oyo abanjibwa ng'ekozesa bannamateeka baayo. Ebyobugagga ebiwambiddwa bitundibwa, ne bikyusibwa ne bissibwako erinnya ly'omuguzi, nga kino kikolebwa munnamateeka wa Kkooti.
35. Waliwo emitendera egiwerako egigobererwa mu kuwamba n'okutunda ebyobugagga by'omuntu.Ebyobugagga bwe biwambibwa, kyokka nga bikyali mu mikono gy'alina obuyinza okussa mu nkola ebiri mu kiraamo,olwo kkooti ewandiikira Munnamateeka waayo n'awamba ebyobugagga ebyo.Ekitera okukolebwa,Munnamateeka ayisa ekirango mu mawulire ekiyita abantu okujja okugula ettaka mu bbanga lya nnaku 30.Ebitundibwa biyita mu nkola ya kuvuganya mu lwatu.Ebyobugagga ebiwambiddwa bitundibwa eri omuguzi asinga banne mu bbeeyi ey'okuvuganya.Oluvannyuma lw'okutunda ebintu,munnamateeka assa omukono ku mpapula ezikyusa, n'assaako erinnya ly'omuguzi era n'ekyapa ky'ettaka n'akikwasa omuguzi kimusobozese okugenda okukizza mu mannya ge ew'Omuwandiisi w'Ebyapa.


## Ekifaananyi 1: Okugula okuva ku kkooti



## Okugula okuva ku muwozi alina obwannannyini ku ttaka ly'Omusingo

36. Nnannyini ttaka lya mmayiro asobola okwewola ensimbi ng'akozesa ettaka lye ng'omusingo. Okugulana kuno kuyitibwa omusingo. Nnannyini ttaka y'aba *omwewozi* ng'asinzeeyo ettaka lye, ate omuntu amuwoze ensimbi ye *muwozi* w'omusingo. Singa *omwewozi* alemererwa okusasula ensimbi ze yeewola, *omuwozi* ayinza okutunda ettaka ly'omusingo okusobola okununula ensimbi ze. Omuwozi alina okujjuzaamu empapula ezikyuusa ettaka ng'assaako amannya g'omuguzi ng'Etteeka S.28(3) erifuga Ebyemisingo bwe likirambika. Okukyuusa kukolebwa ku ffoomu nnamba 5, ey'Amateeka Agafuga Ettaka ly'omusingo erya 2012.

## Ekifaananyi 2: Okugula ettaka ery'omusingo:



## **Okugula okuva ku musigire wa nnannyini ttaka abanjibwa naye nga takyasobola kusasula**

37. Nnannyini ttaka lya mmayiro ayinza okubeera n'amabanja g'abantu b'asuubulagana nabo. Ekyokulabirako: Musisi ayinza okutandika essomero ly'ekisulo n'afuna abamuwola emmere, enku, ebitabo, bbaasi y'essomero ng'ate era alina okusasulira amazzi, amasannyalaze, emisaala gy'abakozi n'abasomesa. Singa alemererwa okusasula amabanja agamubanjibwa, aggulwako omusango mu Kkooti okusinzira ku nyingo S20 (1) ey'Etteeka Nnamba 14 erya 2011. Singa kkooti evaayo n'erangirira nti Musisi takyalina busobozi bwa nsimbi, eronda Omusigire anaayimirirawo okulabirira enzirikanya y'emirimu n'ebuyobugagga bya Musisi.
38. Omusigire w'ebuyobugagga alina obuyinza okukuŋŋaanya, okunoonya n'okugaba ebuyobugagga by'omwewozi atakyesobola, nga muno mw'otwalidde n'ettaka lya mmayiro ery'obwannannyini. Omusigire bw'atunda ku ttaka, asobola okussa omukono ku mpapula ezikyusa ettaka n'alizza mu mannya g'omuguzi, atwala empapula ze okuziwandiisa ew'omuwandiisi w'ebuyapa.

## **Okugula okuva ku bwannannyini ttaka lya mmayiro erya kkampuni**

39. Kkampuni bw'eba ng'erina bannakibiina nga bannansi ba Uganda be basingamu obungi, ekkirizibwa okuba n'obwannannyini ku ttaka lya mmayiro. Singa kkampuni eyo eremererwa okusasula amabanja gaayo, ebuyobugagga by'erina bikwatibwa Kkooti, oba Kkooti etandika okugirabirira ng'ekozesa Etteeka Eriraga nti Kkampuni tekyasobola kuyimirirawo olw'obutaba na nsimbi. Mu kitundu S.99(1) eky'Etteeka Eriraga nti Kkampuni tekyasobola kuyimirirawo, kkooti eronda Kitunzi n'emuwa obuyinza okukuŋŋaanya, okunoonya n'okugaba ebuyobugagga bya Kkampuni. Kitunzi wa Kkooti era aweebwa obuyinza okussa omukono ku mpapula ezikyusa amannya g'obwannannyini bw'ebuyobugagga bya kkampuni n'assaako amannya g'omuguzi. Omuguzi alina okwetegereza Kitunzi gw'akolagana naye n'akakasa nti y'oyo ddala eyalondebwa Kkooti era by'atunda bintu ddala bya Kkampuni eyalangirirwa nti yagwa.

## **Okukyusa Ettaka eryakuweebwa ng'ekirabo**

40. Nnannyini ttaka lya mmayiro ery'ekyapa ayinza okuligabirako omuntu omulala ng'ekirabo. Agaba ettaka ayitibwa mugabi ate aweereddwa ettaka ye muntu gwe batonedde ekirabo. Ettaka erigabiddwa ng'ekirabo, lirina okubaako ekiwandiiko ekiraga nti lyagabibwa.



Ekiwandiiko ekikyusa obwannannyini kye kimu ku biraga nti ddala omuntu yagabirwa ettaka ng'ekirabo. Awatali kiwandiiko kyonna, eyatonerwa taba na buyinza ku ttaka erimuweebwa ng'omugabi tannafa. Wabula eyatonerwa bw'aba n'obujulizi obulaga nti yaweebwa ettaka, munnamateeka w'omugabi ayitibwa n'akyusa ekyapa n'akizza mu mannya g'eyatonerwa. Munnamateeka w'omugabi bw'alemererwa, Kkooti ekozesa obuyinza bwayo n'eragira ekyapa ne kizzibwa mu mannya g'eyatonerwa.

### Ekifaananyi 3: Okukyusa ekirabo ky'ettaka



41. Omuntu avunaanyizibwa ku kussa mu nkola ebyasaliddwawo omugabi, bw'amala okukakasa nti ettaka lyatoneddwa, atuukirirwa n'assaako omukono ku mpapula ezikyusa amannya. Singa avunaanyizibwa ku kussa mu nkola ebyagabiddwa agaana, omuntu

eyatoneddwa yeekubira enduulu mu kkooti, eno nno ewa ekiragiro okukyusa ekyapa ky’ettaka.

#### Ekifaananyi 4: Okuwandiisa ekirabo



#### Ebitongole bya Gavumenti ebivunaanyizibwa ku ttaka

42. Mu ngeri y’okufuna obwannannyini ku ttaka lya mmayiro, Ebitongole bya Gavumenti ebiwerako bikwatibwako ,era kyetaagisa okulaga obuvunaanyizibwa bwa buli kitongole.

Ekifaananyi ekiraga ensengeka z’obukulembeze mu Minisitule y’eby’ettaka, Amayumba

n’okukulaakulanya Ebibuga, kiragiddwa ng’ekitundu ekikookeddwako ‘A’.

### **Ekitebe kya Minisitule Ekikola ku byettaka**

43. Ensonga ezikwata ku ttaka buvunaanyizibwa bwa Minisitule y’Ebyettaka, Amayumba n’Okukulaakulanya Ebibuga. Ku kitebe kya Minisitule eriyo Ebitongole ebikulu bisatu: Ekyamayumba, Ekiteekateeka ebinaazimbibwa ku ttaka n’Ekitongole ekirabirira enkwata y’ettaka. Wansi w’ebitongole bino ebisatu eriyo ate Ebitongole ebirala ebiwerako ebikulirwa Bakamisona, nga buli omu alina obuvunaanyizibwa obwenjawulo ku nsonga z’okulabiriramu n’okukulaakulanya ettaka. Ekitongole ekikola ku kupunta ettaka n’okukuba mmaapu; ekitongole ekifuga endabirira y’ettaka; ekitongole ekikola ku kuwandiisa ettaka n’okubalirira omuwendo gw’ettaka ; bino byonna bikulemberwa Bakamisona abavunaanyizibwa ku kulabirira enkwata y’ettaka. Ekitongole ekiteekaateeka ebinaazimbibwa ku ttaka n’okulondoola amateeka g’enkozesa y’ettaka bitwalibwa Kamisona akola ku kuteekaateeka ebinaazimbibwa ku Ttaka. Ebyamayumba n’okusenga kw’abantu ku ttaka bigwa ewa Kamisona avunaanyizibwa ku nsonga z’amayumba. Ebitongole bino bissaawo omutindo ogulina okugobererwa n’okulondoola emirimu egikolebwa abakungu b’ettaka mu Diisitulikiti.

### **Woofiisi ya Kkaawo**

44. Kkaawo y’akulira abakozi ba gavumenti bonna mu diisitulikiti. Ye mukugu asingayo era muwi w’amagezi eri olukiiko olwa diisitulikiti. Obukiiko buno mulimu Akakiiko k’ettaka aka Diisitulikiti, Akakiiko k’ebyapa aka Diisitulikiti n’akakiiko k’Abapunta aka Diisitulikiti. Kkaawo y’abagatta ku lukiiko olufuzi mu Diisitulikiti.

45. Bwe wabaawo ensonga yonna ekwata ku kuddukanya ebyobugagga by’abagenzi, Kkaawo oba Abamyuka be be bayamba mu kukubiriza enkiiko z’abantu b’omu maka ,okusalawo ku muntu anaasaba ebiwandiiko ebibawa obuyinza okuddukanya n’okulabirira obugagga bw’omugenzi. Kkaawo akolagana ne Woofiisi ya Munnamateeka wa Gavumenti akola ku biwandiiko n’okukuuma ebyobugagga by’Abagenzi.

### **Woffiisi y’avunaanyizibwa ku kulabirira n’okukuuma ebyobugagga by’abafu**

46. Woffiisi eno y’evunaanyizibwa ku kulabirira n’okukuuma ebyobugagga by’abafu; Omuntu afudde ng’atalesse kiraamo kiraga bugagga bwe engeri gye bulina okukwatibwamu . Singa omugenzi aba talesse Nnamwandu, oba musajja we, olwo Omukungu wa Gavumenti

alabirira ebyobugagga by'omugenzi, afulumya ebbaluwa erimu olukusa lw'okulabirira ebyobugagga by'omugenzi eri omuntu aba asizzaamu okusaba kwe eri woofiisi eno. Ab'omu maka omugenzi mwava babikira Omukungu wa Gavumenti oyo, era oyo atwala obuvunaanyizibwa n'asaba Kkaawo w'ESSUULA okukubiriza olukiiko lw'amaka g'omugenzi ne balonda abantu abatuufu abanaaweebwa ebbaluwa ebakkiriza okulabirira ebyobugagga by'omugenzi.

47. Woofiisi ya Omukungu wa Gavumenti akola ku by'obugagga by'abafu ,era ekola ng'etterekero ly'ebiwandiiko ebikadde ebiva mu lukiiko lwa Buganda nga bikwata ku nzirukanya y'ettaka ebyaliwo ng'omwaka 1967 tegunatuuka. Wano we wasangibwa ebiwandiiko ebikwata ku ttaka eryagabibwa Olukiiko lwa Buganda ng'omwaka 1967 tegunnatuuka, era ekifo kino kya mugaso nnyo eri yenna alina ky'ayagala okumanya ku biwandiiko ebyo.

### **Woofiisi z'ettaka zi MZO**

48. Ensonga ezikwata ku ttaka zagyibwa ku kitebe kya minisitule y'eby'ettaka ne zizzibwa ku bitebe ebigatta Disitulikiti eziwerako nga zivunaanyizibwa ku nfuga y'ettaka, okubalirira omuwendo gw'ettaka, okukuba ppulaani ku birina okuzimbibwa ku ttaka; okupunta ettaka n'okufulumya ebyapa.

Woofiisi za MZO zigguddwawo e Mukono, Kampala (KCCA), Jinja, Wakiso, Mbarara, Masaka ne Kabalere. Mu kiseera kino, woofiisi z'ettaka eza MZO zigguddwawo e Kabaale, Jinja, Lira, Masindi, Kibaale. Woofiisi endala zijja kuggulibwawo e Moroto, Tororo, Mpigi, Luweero, Soroti, Kabale ne Rukungiri.

### **Woofiisi y'Akulira Ebyokukuba Ppulaani mu Diisitulikiti**

49. Ettaka lirina okubaako ne ppulaani nga terinnakubwa mu kyapa oba nga terinnakolebwako kintu kyonna. Akulira Ebyappulaani ku Diisitulikiti ng'akolaganira wamu n'Aboobukiiko abakola enteekateeka z'ebyokuzimbibwa, be bavunaanyizibwa ku kuwa ebirowoozo ku ttaka eririna okukubibwa mu kyapa; ettaka eririna okufulumizibwa mu kyapa n'okukulaakulanya ettaka okusenziira ku nteekateeka ezisuubirwa mu buli

kitundu,nga muno mw'otwalira ettaka ery'obwannannyini erya mmayiro.

**Emirimu emitongole egy'omukugu wa Gavument akulira ebya ppulani ku Disitulikiti gye gino:**

- ✓ Akola ng'omuwadiisi w'olukiiko lwa Disitulikiti olukuba ppulani.
- ✓ Akulira eby'okufulumya ppulani y'ebiyokukulaakulanya ettaka mu disitulikiti.
- ✓ Ateekateeka ppulani z'omubitundu nga zikwataganya ne ppulaani y'eggwanga ekwata ku by'enkulaakulana.
- ✓ Asemba enteekateeka z'okusalasala mu ttaka lya mmayiro nga terinnakubwa bapunta.

**Woofiisi za Diisitulikiti ku by'Ebyapa**

50. Ebyapa byonna n'ebiwandiiko ebikwata ku ttaka mu buli kitundu bikuumirwa mu Woofiisi ya Diisitulikiti ey'Ebyapa. Omuntu ayagala okugula obwannannyini bw'ettaka lya mmayiro, alina kukolagana na Woofiisi z'ebyapa ezisangibwa ku KCCA, e Mukono, Bukalasa, Mityana, Masaka, Wakiso oba Fort Portal. Omulimu omukulu ogwa Woofiisi zino kwe kuyambako abantu okunoonyereza ebifa ku Lukalala lw'ettaka ery'ebyapa. ESSUULA ky'etteeka S.201 ery'Etteeka ly'Okuwanddiisa Ebyapa, omuntu yenna waddembe okunoonyereza ku ttaka lyonna eriri ku Lukalala lw'ebyapa ,bwaba asasudde ebisale by'okunoonyerezaako (Sente ezisasulwayo kati ziri ssiringi 10,000). Okunoonyereza kitwaliramu okusomera ddala ebifa ku lukalala lw'ebyapa (luno luba lweru oba lwa bbululu), n'ebiwandiiko ebirala ebikwata ku ttaka. Anoonyereza ku ttaka ayinza okusaba alipoota ekwata ku ttaka. Alipoota eno eteekwa okufulumya nga kuliko omukono gw'Omuwandiisi w'Ebyapa.

51. Omulimu omulala gwa Woofiisi za Diisitulikiti ez'Ebyapa gwa kufulumya byapa by'ettaka, n'okuwandiisa ensonga ezikwata ku ttaka. Noolwekyo abantu abafunye obwannannyini ku ttaka lya mmayiro balina okulaba ng'ebiwandiiko ebifa ku ttaka, nga mw'otwalidde n'okukyusa ebyapa by'ettaka, bitwalibwa ne biwandiikibwa mu Woofiisi ezo. Emirimu emitongole egy'omuwandiisi w'ebyapa gye gino:

- ✓ Okuwandiisa n'okufulumya ebyapa
- ✓ Okulabirira ekitabo omuli abalina ebyapa.

- ✓ Okuyamba abantu abanoonyereza ku by'ettaka ng'abawa ebifa ku ttaka eriwandiise.
- ✓ Okuwandiisa, okugulana okukolebwa ku ttaka nga muno mwe muli okukyuusa ettaka mu mannya g'abantu abalina okuganyulwa nnannyini ttaka ng'afudde , n'okukyuusa ettaka ne lidda mu mannya g'omuguzi oba ebyomusingo egiweebwayo mu bbanka n'abantu abalala bonna.okuwandiisa ebiwandiiko ebikugira okutunda ettaka
- ✓ Okuwandiisa ebiragiro bya kkooti ku ttaka
- ✓ Okuwandiika ebyapa bya liizi n'okufulumya ebyapa bya liizi
- ✓ Okuwandiika abantu abalina obuyinza okulabirira eby'obugagga by'abafu, n'obuyinza obugaba eby'obugagga by'abafu.okuwandiika ebiwandiiko ebiggyawo obukugiro ku ttaka.
- ✓ Okuwandiika ebiwandiiko ebisumulula emisingo egibeera ku ttaka.
- ✓ Okufulumya ekya eky'enjawulo singa ekyapa kya nnannyini ttaka ekyasooka okufulumu kiba kibuze oba nga kyoonese.
- ✓ Okuwa Gavumenti n'abantu amagezi ku kisaana okugobererwa
- ✓ Okuwa obujulizi obujulizi mu kkooti ku bikwata ku bwannannyini ttaka eggwandiise.
- ✓ Okugenda mu kkooti n'awolereza woofiisi y'ebypa by'ettaka.

### Woofiisi y'Abapunta ku Diisitulikiti


52. Ku buli Woofiisi ya Diisitulikiti kuliko ne Woofiisi y'Abapunta.Woofiisi eno y'evunaanyizibwa ku kukuba ettaka mu Diisitulikiti. Ettaka lyonna erikubwa ssaako okulyawuzaamu kikolebwa ng'omuntu afunye olukusa olumuweebwa Omukulembeze w'Abapunta owa Diisitulikiti; ono y'alagira ekirina okukolebwa mu kukuba ettaka.

### Emirimu emitongole egy'omukungu akulira okupunta ettaka mu disitulikiti gye gino :

- ✓ Okuwa ebiragiro ku by'okupunta ettaka
- ✓ Okufuna n'okwetegereza ebiwandiiko ebikoleddwa abapunta b'ettaka.
- ✓ Okukakasa ebikoleddwa abapunta b'ettaka
- ✓ Okutegeka, okussa omukono n'okufulumya ppulaani z'ebypa byettaka eriba likubiddwa.

- ✓ Okuweereza ebifaananyi by'ebiyapa eri omuwandiisi w'ebiyapa kisobozese okufulumya ebiyapa.
53. Woofiisi z'Abapunta ku Diisitulikiti zivunaanyizibwa okukuuma ebiwandiiko ebikulu ennyo ebikwata ku ttaka, nga muno mw'otwalira ebyafaayo by'okusalaasala ppoloti mu ttaka. Mu biwandiiko bino omukuumirwa ebyafaayo by'ettaka mwe muva kalonda yenna aba akwata ku ppoloti z'ettaka ezigenda zifulumizibwa mu buli kitundu. Omuntu ayinza okufuna mmaapu ez'enjawulo okuva mu Woofiisi z'Abapunta eza Diisitulikiti.

### Ofisi z'abapunta



### **Akulira Ebyettaka ku Diisitulikiti**

54. Akulira Ebyettaka ku Diisitulikiti asangibwa mu buli Diisitulikiti, era ye mukugu aluŋŋamya Akakiiko k'Abakulembeze ba Diisitulikiti, Akakiiko ka Diisitulikiti ak'ebyettaka n'abantu bonna ku bikwata ku ttaka mu Diisitulikiti.

### **Akakiiko ka Diisitulikiti ak'ebyettaka**

55. Ennyingo 240 eya Ssemateeka eraga nti buli Diisitulikiti mu Uganda erina okuba n'Akakiiko k'Ebyettaka. Emirimu gy'Akakiiko okusinziira ku nnyingo 241 eya Ssemateeka girambikiddwa bwe giti:

- a) Okwesigaliza n'okugaba ettaka eriba mu Diisitulikiti nga teriiriko nnannyini lyo;
- b) Okuyambako mu kuwandiisa ate n'okuwanyisa obwannannyini ku ttaka;
- c) Okukola ku nsonga z'ettaka zonna mu Diisitulikiti ng'amateeka agaayisibwa Paalamenti bwe galagira.
- d) Olukiiko lwa disitulikiti olw'ebyettaka DLB lwe luvunaanyizibwa ku kufulumya ebbaluwa y'obusenze ku ttaka ery'obwannannyini erya mmayiro, era okukasa kw'olukiiko kuweerezebwa eri omukuumi w'ebiwandiiko.

### **Obukiiko bw'ebyettaka mu buli kitundu**

56. Ennyingo S.64 ey'Etteeka ly'Ettaka yalongoosebwamu okufuna Etteeka Nnamba 1 erya 2004. Etteeka lino lyassaawo Obukiiko bw'ebyettaka mu buli Ggombolola ng'omulimu gwabwo kwe kuyambanga akakiiko ka Diisitulikiti ak'ebyettaka nga buwa amagezi ku nsonga z'ebyettaka.

### **Omukuumi w'ebiwandiiko by'ettaka**

57. Mubuli Ggombolola, oba ekifo ekitongozeddwa, ne mukitunduky' ekibuga wateekeddawo Omukuumi w'ebiwandiiko by'ettaka okusinziira ku nnyingo S.68 ey'Etteeka ly'ettaka. Omwami ow'eggombolola, Kiraaka w'ekibuga, oba Omumyuka wa Kiraaka w'ekibuga avunaanyizibwa ku kitundu ekyo, y'anaabeeranga omukuumi w'ebiwandiiko. Egimu ku mirimu gy'Omukuumi w'ebiwandiiko gw'ogwokuba ng'avunaanyizibwa ku kufulumya ebbaluwa z'obwannannyini bw'obusenze ku ttaka ery'ennonno, n'okutereka ebiwandiiko byonna ebikwata ku bbaluwa z'obusenze ku bibanja.



### Abafuzi b'ebitundu aba L.C I, II, III

58. Nawaakubadde nga tewali buvunaanyizibwa bw'Abakulembeze ku bikwata ku nsonga z'ettaka bulagiddwa mu Tteeka ly'Ettaka, Abakulembeze bano bayamba nnyo ku mirimu egikolebwa Woofiisi eziddukanya ensonga z'ettaka. Ekyokulabirako: Abafuzi b'ebitundu baba bamanyi ebikwata ku bannannyini ttaka n'abo abasikira bannannyini ttaka erya mmayiro; ebikwata ku beebibanja n'abasikira abeebibanja; ebikwata ku nsalo z'ettaka; ensonga z'okutabaganya abantu abalina enkaayana ku ttaka. Kkooti za L.C II ziwuliriza emisango egikwata ku kukyusa oba okwonoonebwa kw'ebintu; okusaalimbira ku ttaka n'enkaayana ku bwannannyini bw'ettaka ery'ennonno. LC III ekola ng'Ekkooti ng'ewuliriza emisango egijjulirwa okuva ku LC II.

# 3

## OMUSENZE OMUTUUFU MU MATEEKA N'OMUSENZE OW'EBBALUWA

### Enkyukaakyuka ezizze zibaawo ku basenze ab'ebibanja

59. Mu kitundu ekisooka kiragiddwa nti ettaka lya mmayiro lyagabibwa nga kuliko abeebibanja. Bannanyini ttaka lya mmayiro nabo era baayongera okusenza ab'ebibanja ku ttaka lyabwe nga baagala obusuulu n'envujjo byeyongere.

Nga wayise ekiseera, bannanyini ttaka erya mmayiro bayongereza obusuulu n'obungi bw'envujjo. Kino kyaleetawo obutakkaanya wakati wa bannanyini ttaka erya mmayiro n'ab'ebibanja. Abeeibanja baatandika okwegulanga, okuleetawo ennoongosereza mu nsasula y'obusuulu. Gavumenti yasalawo okukkanya embeera y'olutalo olwo ng'eyisa etteeka ly'obusuulu n'envujjo erya 1928. Etteeka lino lyassaawo ekkomo ku busuulu n'obungi bw'envujjo ebyali birina okusoloozebwa bannanyini ttaka erya mmayiro. Abeeibanja nabo baweewwa obukuumi ku bwannanyini bw'ebibanja, ng'olwo baali bayinza okugobebwa ku ttaka olw'obutasasula busuulu ,oba bo okusalawo okuva ku bibanja byabwe.

### 60. Ekiragiro ekirongoosa mu ttaka ekyayisibwa mu 1975

Ekiragiro kino kyawera obwannanyini bw'ettaka erya mmayiro, era ettaka lya mmayiro lyakyusibwa ne lizzibwa mu liizi ya myaka 99. Abeeibanja baakyusibwa ne baafuuka abasenze abatalina bukuumi ku ttaka, era ng'obwannanyini bwe baali balina ku bibanja bwali bwakusazibwamu ekiseera kyonna.

Mu ngeri y'emu obusuulu n'envujjo nabyo byagyibwawo newankubadde ng'ebyo byali bwe bityo, abasenze n'abazzukulu baabwe bakyalali ku bibanja byabwe okugyawo ettaka ly'obwannanyini erya mmayiro kyaddirirwa ekiseera ekyalimu obutamanya kyakukola ku ngeri z'okufunamu okusikira n'okugula ebibanja. Waliwo okweyongera kw'abasenze ku bibanja mu ngeri etagoberera mateeka, ssaako okwesenza ku ttaka eryaliko ensiko mu kiseera ekyo. Ssemateeka wa 1995 we yafulumira nga waliwo obwetaavu bw'okussaawo enkola, egoberera amateeka agafuga abasenze ku ttaka ly'obwannanyini ery'ekyapa. Eno y'ensibuko y'ensonga z'omusenze omutuufu mu mateeka ne kyesenza.

Endowooza y'omusenze omutuufu ne kyesenza, byassibwawo Ssemateeka wa 1995, akawaayiro 237(8). Ssemateeka yalagira Paalamenti okukola etteeka mu bbanga lya myaka ebiri mu lutuula lwayo olusooka, okulunganyama enkolagana wakati w'omusenze omutuufu ne kyesenza ;n'okubasobozesa okufuna obwannanyini ku ttaka.

61. Etteeka nnamba 237(8) eriri mu Ssemateeka wa 1995 lyassaawo enkola y'omusenze omutuufu mu mateeka. Ssemateeka ono yawa obuyinza Paalamenti okukola etteeka, oluvannyuma lw'emyaka ebiri ng'etudde, erifuga enkolagana wakati w'omusenze omutuufu mu mateeka ne kyesenza wamu n'okwegula kw'abeebibanja.
62. Abasenze baalina ekizibu ky'okugobebwa bannanyini ttaka singa ettaka baali balyetaaga okulikulaakulanya. Olukiiko lw'Ababaka abaakola Ssemateeka baali bakimanyi bulungi nti wayinza okubaawo okusengula abantu mu kirindi, era okwewala ekyo bassaawo amateeka okwewala obutabanguko bw'engeri eyo. Etteeka ly'Ettaka lyayisibwa nga 2 July 1998 nga ligenderera okussa mu nkola ekiragiro kya Ssemateeka. Etteeka lirimu obuwaayiro obulaga amakulu g'omusenze omutuufu mu mateeka ne kyesenza ku ttaka, n'enkolagana yaabwe ne nnannyini ttaka ly'ekyapa. Bino biri mu kitundu 1, ennyingo 29 okutuuka ku nnyingo 38A.

### **Omusenze omutuufu mu mateeka**

63. Omuntu ayagala okutwalibwa ng'omusenze omutuufu mu mateeka kirungi afune tikiti z'obusuulu n'envujjo ezisasulwa eri nnannyini ttaka eyeewandiisa oba omusigire wa nnannyini ttaka eyeewandiisa ng'omwaka 1975 tegunnatuuka.

## Amakulu ga kyesenza

64. Ono ye muntu eyali ku ttaka lyonna Ssemateeka nga tannatandika kukola, ng'alikoleddeko ebintu oba ng'alikulaakulanyizza okumala emyaka kkumi n'ebiri oba okusukkawo nga nnannyini ttaka eyeewandiisa oba omusigire we tebamunyegangako; oba nga yassibwako Gavumenti oba omusigire wa Gavumenti nga mw'otwalidde n'aboobuyinza mu kitundu ekyo; omuntu yenna kyesenza gwe yaguza oba gwe yawa obuyinza olw'obwetaavu ku ttaka, naye anaatwalibwanga okuba kyesenza. Obwakyesenza tebuzingiramumu muntu yenna nnannyini ttaka gwe yawa olukusa, oba oyo yenna ali ku ttaka ng'alikolerako oba ng'alikulaakulanyizza okumala ebbanga eritaweza myaka kkumi n'ebiri, nga nnannyini ttaka eyeewandiisa oba omusigire we tebamunyegangako. Kyesenza ono ayogerwako mu nnyingo nnamba 29(2) ey'etteeka ly'ettaka.

**Kiwanuka ye nnannyini ttaka eyeewandiisa ku bwannannyini bw'ettaka lya mmayiro eriweza eka 640 e Kyanamukaaka, Masaka.**

**Kiggundu yajja n'asenga ku kibanja kya eka 5 mu 1970, era abaddeko nga Kiwanuka tamunyegangako. Kino kitegeeza nti kiggundu yali awezezza emyaka 25 ng'ali ku eka 5 omwaka gwa 1995 we gwatuukira era kino kimufuula okuba kyesenza.**

**Eky'okulabirako  
kya kyesenza**

**Ekyokulabirako  
kyatali  
kyesenza**

**Kyokka waliwo Mukasa, muliraanwa wa Kiggundu eyajja n'asenga ku kibanja mu mwaka gwa 1986. Mukasa yali asenze ku kibanja okumala emyaka 9 gyokka Ssemateeka wa 1995 nga tannakolebwa, noolwekyo Mukasa tabalibwa nga kyesenza ku ttaka lya Kiwanuka.**

### Amakulu g'omusenze alina olukusa/Abapangisa

65. Omuntu asenga ku ttaka ng'aweereddwa olukusa okugeza: ebbaluwa y'aboobuyinza, ttikiti oba ebbaluwa ya nnannyini ttaka. Olukusa luyinza okuweebwa nga lwa kiseera oba ebbanga ggere nga lulaga n'emirimu egirina okukolerwamu. Ebyokulabirako by'abantu abaweebwa olukusa mulimu abagenyi mu wooteeri, Abapangisa b'amayumba, Abalimi b'ebirime ebikungulwa amangu, oba omuntu aweereddwa liizi ku ttaka. Okupangisa ettaka kibaawo endagaano bw'ekolebwa wakati wa nnannyini ttaka eyeewandiisa n'omuntu omulala. Ebyokulabirako by'endagaano ez'engeri eno mwe muli endagaano y'okugaba liizi ku ttaka.

### Amakulu g'abasaalimbira ku ttaka/Abewanjanyama

66. Omuntu ajja ku ttaka eryawandiikibwa tekimugwanira kuyitibwa musenze mutuufu mu mateeka, oba kyesenza ,oba omupangisa, wabula ayitibwa omuntu asaalimbira ku ttaka. Ono ye muntu ajja, oba alumba, oba eyeeteeka ku ttaka nga tagoberera mateeka, era nga talina lukusa. Omuntu ono tasaana kuyitibwa musenze omutuufu mu mateeka, oba kyesenza oba omupangisa. Omuntu ono ayitibwa mulumbaganyi. Okufuna obusenze ku ttaka ly'obwannanyini bw'ettaka lya mmayiro.

### Obusika


67. Etteeka erifuga obusika n'okusikira ebintu mu Uganda liri mu kitundu 162 eky'Amateeka ga Uganda. Kimanyiddwa mu nsi yonna nti omuntu bw'afa, alina okusikirwa. Nnannyini ttaka lya mmayiro bw'afa abaana be bateekwa okugabana ku ttaka okusinsiira ku ebyo ebibeera mu kiraamo ky'alesse, oba ku mateeka agafuga eby'obusika. Ebirala ebikwata ku by'obusika biri mu kitundu ekyokutaano.

### Okugula

68. Obwannanyini ku ttaka lya mmayiro busobola okufunibwa mu kugula ettaka ku nnannyini kibanja. Wabula etteeka ly'ettaka likirambika bulungi nti nnannyini ttaka aba alina okuwa olukusa ku buguzi obwo. Ettaka ly'obwannanyini erya mmayiro lyonna liri mu buwandiike, noolwekyo kirungi omuguzi w'ettaka asooke anoonyereze ku butuufu bw'ekyapa n'omuntu atunda ng'omuguzi tannasulira ttaka eryo. Amakubo agalina okugobererwa ge gano:

- a. Funa ebikwata ku kyapa ky'ettaka ly'oyagala okugula.
- b. Kebera ku woofiisi ettaka gye lyawandiikirwa. Ebikwata ku ttaka lya mmayiro erisangibwa e Mityana ne Mubende, kebera ku woofiisi za Minisitule y'ettaka esangibwa e Mityana. Oteekwa okusasulayo ssente ez'okunoonya ekyapa Omutwalo gumu n'ogattako n'ebisale bya Bbanka ;ssente zino zirina kusasulwa mu Bbanka.

### Okusasulira okunoonyereza ku ttaka



- a. Kirungi omuguzi okwetegereza kkopi y'ekyapa n'endagamuntu y'omutunzi ng'obuuzza n'ab'obuyinza abafuga ekitundu.
- b. Kakasa ensalo z'ekibanja ng'oyambibwako aboomuliraano, abakakiiko abafuzi ku kyalo n'abataka.

Mu kitundu ekiwedde twakulaze engeri ettaka lya mmayiro gye liyinza okupangisibwa, era tubategeezza nti omusenze naye aba alina ebbaluwa emukkiriza okubeera ku ttaka eryo. Agula ettaka kirungi yeetegereze obanga ettaka ly'ayagala okugula liriko oba teririiko basenze ng'ayita mu kulambula ettaka eryo.

### Okufuna ebivudde mu kunoonyereza ebifa ku ttaka



68. Okufuna alipoota eva mu kunoonyereza ebifa ku ttaka

- a. Funa endagaano n'ebiwandiiko ebirala ebiraga obwannannyini bw'ekibanja.
- b. Obwannannyini n'ensalo z'ekibanja bwe bimala okutegeerwa, omuguzi asaba omutunzi afune olukusa lwa nnannyini ttaka mu buwandiike, nga ebyokugula ekibanja tebinnakomekkerezebwa.

- c. Omuguzi n’omutunzi bakola endagaano y’okutunda ny bagissaako emikono. Endagaano erina okulambika obukwakkulizo obuli mu kutunda okugeza omuwendo gw’ettaka n’ensasula. Kirungi okuba n’abajulizi mu ndagaano.
- d. Omutunzi alina okuwaayo ekibanja oluvannyuma lw’okukola endagaano y’okutunda, ng’ayanjula aguze eri abeemiriraano, ab’akakiiko abafuga ekitundu n’eri nnannyini ttaka erya mmayiro.
- e. Singa obuguzi buli ku kitundu kya kibanjaomutunzi n’omuguzi balina okwawula mu nsalo z’ekibanja era kino kikolebwa nga waliwo abeemiriraano, ab’akakiiko abafuzi mu kitundu n’abajulizi abalala.

### Okugaba /Okufuna ettaka ng’ekirabo

#### 69. Ekirabo

Ettaka erigabibwa mu ssanyu ky’ekirabo. Ekibanja bwe kiba nga kye kigabiddwa, watekeddwa okubaawo ekigendererwa ky’okukyusa mu bwannanyini.

Oweekibanja asobola okugaba ekibanja kye oba ekitundu ky’ekibanja ng’akigabira omuntu omulala yenna, singa aba afunye olukusa okuva ku nnannyini ttaka erya mmayiro. Nga bwe kikolebwa mu kugula ettaka, omuntu aweereddwa ekirabo ky’ettaka ateeddwa okunoonyereza ebifa ku kibanja n’okusaba nnannyini ttala erya mmayiro onwannanyini bw’ekibanja era alina okukakasa nti nnannyini kibanja alina olukusa okuva ewa nnannyini ttaka lya mmayiro olumukkiriza okugaba . kirungi ettaka erigabiddwa okuliraga mu buwandiike n’eri abajulizi.

- 70. Singa ekirabo ky’ettaka kya kitundu kya kibanja, omugabi n’agabiddwa, balina okulaga ensalo z’ekitundu ekigabiddwa nga basimba empaanyi ng’abeemiriraano, ab’akakiiko akafuzi n’abajulizi abalala webali.

### Okusazaamu obusenze ku ttaka lya mmayiro

- 71. Abasenze abatuufu, ne bakyesenza ku ttaka lya mmayiro baatekebwawo olw’ensonga ezaaliwo edda ennyo, era kati abeebibanja bano bamanyiddwa mu mateeka. Wabula kino tekitegeeza nti balina kusigalira mu mbeera eyaatekebwawo, emirembe n’emirembe. Embeera y’obusenze ku ttaka esobola okuvaawo nga tugula ne tukyuusa ebyapa, okuvaawo, oba okusaza mu ndagaano.




## Okugula ettaka lya mmayiro

72. Mu tteeka ly'ettaka, ennyingo 36, nnannyini ttaka omuwandiise ne nnannyini ttaka ly'ekibanja basobola okukkiriziganya ne basala mu ttaka, buli omu n'asigaza ESSUULA ky'ettaka kw'akolera yekka. Endagaano eno eyinza okuba omu 'akkiriza okuteera omulala oba okugula ettaka ly'oluyi olulala. Nnannyini ttaka eriwandiise bw'agula ettaka ly'omusenze abadde awa obusuulu ng'obusenze bw'aguliddwa buvaawo.

Ebisingawo ku bino biri mu ssuula ey'okuna ku katundu akakwata ku makubo agalina okugobererwa bannannyini ttaka n'abeebibanja.

## Enteesaganya wakati wa nnannyini ttaka n'ow'ekibanja



73. Mu ngeri y'emu omusenze asobola okwegula ng'asooka okusaba nnannyini ttaka eriwandiise; endagaano y'okutegeeragana ekolebwa ng'egoberera ebiri mu nnyingo 36 oba awandiikira nnannyini ttaka ery'ekyapa ng'amusaba bafune omutabaganya nga bagoberera ebiri mu nnyingo 38. Olwo obusenze ku ttaka nga buvaawo.

### Ensalosalo ze ttaka



## Okujjaguzza nga ofuse nannyini ttaka



74. Ennyingo 38(2) eraga nti omusenze ku ttaka asobola okuwandiikira nnannyini ttaka ebbaluwa ng'amusaba olukusa olw'okukyusa ettaka lidde mu mannya g'omusenze. Nnannyini ttaka asobola okumuwa olukusa olwo nga kuliko, oba nga tekuli bukwalkulizo, oba okugaana okusaba kw'omusenze, oba n'ayita omusenze okujja mu nteseganya. Kiri eri ku njuuyi zombi okutuuka ku kukkiriziganya, naye enjuuyi zombi zisobola okusaba omutabaganya okubeerawo n'abayamba okukkiriziganya. Etteeka ly'ettaka teririna weeriraga nti omusenze alina eddembe ly'okujulira.

## Okulekawo ettaka



75. Okulekawo ettaka mu mateeka kitegeeza okuwaayo obwa nnannyini nga tokyakayaanira ttaka oba kufaayo nti liry o ba nga tolina ky'oklerawo. Okuva ku ttaka kiyinza okuba ng'omuntu yeeyagalidde oba okukakibwa okuvaawo.
76. Omuntu anaatwalibwanga okuba ng'avudde ku kibanja oba okuba ng'alekulidde singa ategeeza mu buwandiike nnannyini ttaka ow'ekyapa oba singa aleka ekibanja ekyo okumala emyaka esatu nga talina ky'akikoleddoko wadde ab'omu makage, oba omusgire we.
77. Singa ow'ekibanja asalawo okuva ku kibanja ekyo nga yeeyagalidde, waddembe okukiggyako byoSna by'akitaddeko okugyako emiti n'ebidiba. Kyokka talina kusaba kuliyirirwa bintu by'afiiriddwa olw'okulekulira ekibanja ekyo.

78. Okuva ku ttaka ng'omuntu teyeeyagalidde kiragiddwa mu nnyingo 37(4). Kino kibaawo mu bibuga akakiiko akafuga e kibuga bwe luvumirira ow'ekibanja aba azimbye obubi oba bwe luwa ekiragiro ky'okumenya e kizimbe mu ngeri ezo, obusenze tebuvaawo. Wabula, nnannyini ttaka n'omupangisa oba omusenze ku ttaka batuula ne bateesa ne bakola endagaano ekomya obupangisa aliyirirwa omuwendo gw'ensimbi ogusalibwa omubalirizi wa Gavumenti.

### **Okukomya obusenze ekiva ku kumenya amateeka**

79. Omusenze ku kibanja asuubirwa okusasula obusuulu bwa buli mwaka eri nnannyinittaka omuwandiise nga bwe kiba kyasalibwawo akakiiko k'ebyettaka aka Diisitulikiti era nga kyakakasibwa Minisita. Kino kiragibwa mu nnyingo 31(3) ey'ennongosereza y'etteeka ly'ettaka; Etteeka 1/2004. Obukiiko bw'ettaka bwa Diisitulikiti obumu bwafaayo nnyo era ne buwaayo ebiwoozo ku muwendo gw'ensimbi ogulina okusasulwa, gukakasibwa Minisita. Obukiiko obumu tebwawaayo biwoozo ku bisale ebirina okusasulwa. Minisita ng'akozesa obuyinza obumuweebwa etteeka ly'ettaka, yasala ebisale ebirina okusasulwa ku ttaka lyonna ng'ayitira mu tteeka erifuga obusuulu bwa buli mwaka namba 55 erya 2011.
80. Ebisale ebisulwa kati bigabanyizibwa okusinziira ku kifo ettaka gyelisangibwa; mu munisipaale, ekibuga, olukiiko olufuga ekibuga, ekyalo, ebisale bino bisengekeddwa nga bw'obiraba mu lukangaga wammanga;

### OLUKANGAGA 3: OBUSUULU OBWAGEREKEBWA OBUKIICO BW'ETTAKA OBWA DIISITULIKITI

Nnamba	Diisitulikiti	Munisipaale	Olukiiko lw'Abakiise mu kibuga	Akakiiko Akafuga ekibuga ekikyakula	Ekyalo
1.	Abim		20,000=		5,000=
2.	Amolatar		30,000=		5,000=
3.	Amuru		20,000=	20,000=	5,000=
4.	Hoima		30,000=		5,000=
5.	Isingiro		30,000=		5,000=
6.	Kabarole	30,000=	10,000/=		5,000=
7.	Kamwenge		20,000=		5,000=
8.	Kaliro		30,000=		5,000=
9.	Koboko		10,000=		5,000=
10.	Kyenjojo		10,000=	10,000=	5,000=
11.	Lira	30,000=	20,000=		5,000=
12.	Luwero		20,000=		5,000=
13.	Masaka	12,000=	10,000=		5,000=
14.	Nakaseke		30,000=		5,000=
15.	Namutumba		30,000=	10,000=	5,000=
16.	Ntungamo		30,000=	30,000=	5,000=
17.	Oyam		20,000=		5,000=
18.	Pallisa		30,000=		5,000=
19.	Rakai		30,000=	20,000=	5,000=
20.	Sembabule		20,000=	15,000=	5,000=
21.	Sironko		30,000=	30,000=	5,000=

**OLUKANGAGA 4: ENSASULA Y’OBUSUULU MU BITUNDU OLUKIIKO  
OLUFUGA DIHSITULIKITI GYE LUTANNAGEREKA MUWENDO  
GUNAASASULWA OKUSINZIIRA KU KITUNDU 31**

Ettaka ly’omu kibuga	Ettaka ly’omu minisuupaali	Ettaka ly’omu bibuga	Akakiiko k’ekibuga	Ettaka eriri mu kyalo
50,000=	40,000=	30,000=	20,000=	5,000=

81. Obusuulu obuweebwa bwa kipimo ekyenkanankana, Newaakubadde ng’ettaka likyukakyuka mu bunene. Omuntu alina yiika y’ekibanja emu asasula obusuulu bwe bumu n’oyo nnannyini kibanja ekya eka etaanu. Enjawulo eri mu kifo nga ebibuga bwe bigenda bikubwa okugeza munda mu kibiga, munisipaale, akakiiko k’ekibuga oba ekyalo. Obusuulu obuweebwa bwa kipimo ekyenkanankana Newaakubadde ng’ettaka likyukakyuka mu bunene. Omuntu alina eka y’ekibanja emu asasula obusuulu bwe bumu n’oyo nnannyini kibanja ekya eka etaanu. Enjawulo eri mu kifo nga ebibuga bwe bigenda bikubwa okugeza munda mu kibiga, munisipaale, akakiiko k’ekibuga oba ekyalo.
82. Omusenze w’ekibanja bw’alemererwa okusasula obusuulu okumala ebbanga erisussa mu myaka ebiri nnannyini ttaka omuwandiise akkirizibwa okumuwandiikira ng’amulaalika n’okumulagira aveeyo yeewoozeeko ku nsonga ezirobera obusenze bwe okusazibwamu. Okulaalika kuno kuteekwa okuwandiikibwa mu bufunze era kwokebawamu kkopi eweerezebwa eri akakiiko k’ettaka ak’omukitundu. Omusenze bw’awakanya ebiri mu kiwandiiko ekimulaalika, ayinza okutwala ensonga mu kakiiko akataawulula enkaayana, ettaka mu bbanga lya myezi mukaaga okuva lwebaamuwandiikira. Omusenze bwatawakanya kiwandiiko kimulaalika mu bbanga erimuweereddwa, oba bw’alemererwa okusasula obusuulu obumubanjibwa mu bbanga lya mwaka gumu okuva lwe baamulaalika, olwo nnannyini ttaka awandiikira kkooti y’ettaka emuwe obuyinza okumenyawo obusenze oba obupangisa olw’ensonga y’obutasasula busuulu.

## Ekirango ekiraalika omusenze ku ky'okulwawo okusasula obusuulu



83. Akakiiko k'ettaka akataawulula enkaayana oba kkooti y'ettaka ng'egenda okusalawo, eteekeddwa okwetegereza ekyaviirako omusenze w'ekibanjaokulemererwa okusasula obusuulu, eina okwetegereza oba omusenze mutuufu mu mateeka oba kyesenza oba muntu asaalimbira mu ttaka, era n'okumanya oba eyawandiise ye nnannyini eyawandiisa ettaka oba musigire we n'okulaba nti awandiise talina w'alinyiridde ddembe lya musenze ow'ekibanja.



## EDDEMBE N'OBUVUNAANYIZIBWA BW'ABEEBIBANJA NE BANNANNYINI TTAKA

### Eddembe lya nnannyini ttaka erya mmayiro

84. Eddembe lya nnannyini kyapa kya ttaka erya mmayiro
- Obwannanyini ku ttaka bwalubeerera.
  - Asobola okugaba liizi, okwewolerako; okulisinga oba okulitunda.
  - Asobola okulisalamu ebitundu n'atunda oba n'alikozesa emirimu egikkirizibwa mu mateeka.
  - Okulirekera omuntu omulala ng'akissa mu kiraamo, oba okuligaba oba okulitunda.
  - Eddembe ly'okusasulwa obusuulu bwa buli mwaka okuva mu b'ebibanja abatuufu mu mateeka ku ttaka lye.
  - Eddembe okusaba obusuulu okuva mu basenze b'ebibanja abaluddewo okusasula okumala emyaka esatu.
  - Eddembe okusaba kkooti emuwe ekiragiro ekisengula ow'ekibanja aba elemereddwa okusasula obusuulu bw'omwaka.
  - Eddembe ly'okuba ng'aweebwa omukisa ogusooka ogw'okugula omusenze singa omusenze abeera ng'ayagala okutunda.

### Eddembe n'obuvunaanyizibwa bya nnannyini ttaka erya mmayiro

85. Nnannyini ttaka eriwandiise atekwa okufaayo okumanya n'okuwandiika ab'ebibanja abali ku ttaka lye. Ekiragiro ky'Ettaka ekya 1975 nga tekinnatandika kukola bannanyini ttaka erya mmayiro naddala abo abaalina ebitunddu by'ettaka ebinene ennyo, baalina abasigire abaabayambanga okutuukiriza ekyo.

86. Nnannyini ttaka eriwandiise mulimu gwe okukunjaanya obusuulu okuva ku b'ebibanja era n'okubawa ttikiti eziraga nti basasudde.

### Nnannyini ttaka ng'afuna ttikiti z'obusuulu okuva ew'omusigire



87. Nnannyini ttaka eriwandiise mulimu gwe okuleka omusenze n'abeera omusenze singa omusenze oyo aba ng'atuukirizza obuvunaanyizibwa bwe. Kino kitegeeza nti nnannyini ttaka eriwandiise alina okukkiriza omusenze w'ekibanja okweyagalira/okwetaaya ku kibanja kye, okuzimba amaka, okulima ebirime, okusimba emiti, okulima emmere, okukola emikolo mu maka ge ng'egy'embaga z'okufumbirwa, ennyimbe.

## Eddembe n'obuvunaanyizibwa by'omusenze

88. Omusenze w'ekibanja ku ttaka ery'ekyapa alina obwogerero ku ttaka eryo. Kino kitegeeza nti talina kugobebwako nnannyini ttaka omuwandiise okuggyako ng'alemereddwa okusasula obusuulu okumala ebbanga lya myaka esatu nga kkooti efulumizza ekiragiro ekimugoba.
89. Omusenze w'ekibanja ayinza okusaba n'afuna ebbaluwa y'obusenze ku ttaka kw'ali. Ebbaluwa y'obusenze bw'efulumizibwa eba erina okuwandiikibwa ng'eraga ekyapa ky'ettaka kya nnyini ttaka obusenze kwe buli, omuwandiisi w'ebypa awandiisa ebbaluwa y'obusenze eba efulumiziddwa ng'eraga ekyapa ky'ettaka kya nnyini ttaka. Okuwandiisa kuno kwe kutegeeza ensi yonna nti omusenze alina obwogerero ku ttaka eriweza obugazi n'obunene obulagiddwa mu buwandiike. Kino kiba kiyamba enjuuyi zombi.
90. Enkola egobererwa okufuna ebbaluwa y'obusenze eragiddwa mu nnyingo 33 ey'etteeka ly'ettaka. Emitendera gye gino:

- i. Okusaba, kukolebwa ng'omuntu ajjuza ffoomu entongole egenda eri nnannyini ttaka ery'ekyapa.
- ii. Nnannyini ttaka ateggeeza ku b'akakiiko k'ettaka ak'omukitundu.
- iii. Akakiiko k'ettaka kassaawo olunaku we kanaasisinkanira enjuuyi zombi n'ab'emiriraano.
- iv. Ekiba kisaliddwawo akakiiko k'ettaka kiweerezebwa eri ow'ekibanja ne nnannyini ttaka oluvannyuma lwa byonna
- v. Nnannyini ttaka awatali kulwiisa akkiriza n'awa olukusa olw'okufuna ebbaluwa y'obusenze, omusenze bw'abanga amalirizza okusasula obusuulu.
- vi. Akakiiko k'ettaka kaweereza ffoomu mu kakiiko k'ettaka aka Diisitulikiti akalina era okugyongerayo nga kagiweereza eri omukuumi w'ebiwandiiko kisobozese okufulumya ebbaluwa y'obusenze ku ttaka.

91. Singa nnanyini ttaka agaana okuwa olukusa mu myezi mukaaga, ow'ekibanja asobola okujulira eri akakiiko akatawulula ensonga z'ebyettaka ng'asaba olukusa. Oluvannyuma lw'okuwuliriza ensonga, akakiiko akatawulula enkaayana z'okuttaka kayinza okukkiriza ne kawa omusenze olukusa. Olukusa bwe lumala okuweebwa akakiiko k'ettaka akatawulula enkaayana, okusaba (kw'omusenze) kuweerezebwa mu kakiiko k'ettaka aka Diisitulikiti, era kwongera okuweerezebwa eri omukuumi w'ebiwandiiko kimusobozese okufulumya ebbaluwa y'obusenze ku ttaka.

### Okufuna ebbaluwa y'obwannannyini bw'obusenze ku ttaka.



92. Omukuumi w'ebiwandiiko awandiikira omuwandiisi w'ebiyapa ng'amutegeeza nti wabaddewo okufulumya ebbaluwa y'obusenze ku ttaka, kino kiyamba okutegeeza nti waliwo obwogerero ku ttaka ly'ekyapa (okukaayanira ettaka ly'omuntu omulala okukkirizibwa mu mateeka).
93. Oweekibanja alina ebbaluwa, asobola okwazika ekibanja kye okusengako abantu abalala, okwewola ng'akozesa ettaka ng'omusingo, okusenza omuntu omulala; okusalasala mu kibanja kye okugaba ekibanja ng'akozesa ekiraamo, n'okukozesa ng'akulaakulanya ekibanja kye n'okukozesa ettaka nga bwe bakkiriziganya ne nnannyini ttaka. Eddembe ly'oweekebanja nalyo ligobererwa kasita aba nga yafunye olukusa okukola ebyo byonna okuva ewa mukyala we.
94. Okufuna ebbaluwa y'obusenze bujulizi obuli mu buwandiike obulaga nti omusenze ayogerwako ddala alina eddembe ly'obusenze, olw'okubanga ebbaluwa y'obusenze ewebwa oluvannyuma lw'okwetegereza ensalo z'ettaka, kino kijja kuyamba mu kukendeeza enkaayana ezandibaddewo ku bwannannyini bw'ettaka n'ezo eziba zikwata ku nsalo z'ettaka.
95. Eddembe ly' okulekulira obusenze ku kibanja; kino tekikolebwa bwe kiba kikosa eddembe lya bakyala, abaana, abalema ababa babeera ku kibanja ekyo. Laba ennyingo 27 ne 37 mu tteeka ly'ettaka.

### **Eddembe n'obuvunaanyizibwa bw'omusenze ku ttaka**

96. Omusenze omutuufu mu mateeka oba kyesenza ali ku ttaka lya nnannyini eyeewandiisa alina eddembe n'obuvunaanyizibwa buno:
  - a. Okumanya nnannyini ttaka
  - b. Okusaba nnannyini ttaka okumuwa ebbaluwa eraga nti musenze ku ttaka lye.
  - c. Okusasula obusuulu bwa buli mwaka nga bwe kyasalibwawo Obukiiko bw'Ettaka ne Minisita avunaanyizibwa ku byettaka mu ggwanga.
  - d. Okulimirako n'okulundirako mu ngeri ennungi

### **Eddembe lya nnannyini ttaka n'abeebibanja ery'okuteeseganya**

97. Ebitundu ebiragiddwa waggulu biraze eddembe n'obuvunanyizibwa bya bannanyini

ttaka n'abeebibanja nga bwe kirambikiddwa mu Tteeka.

Newaakubadde ng'ekyo kiri bwe kityo, tekikugira nnannyini ttaka n'abeebibanja kutesaganya n'okukkaanya.

Etteeka liragira ebisaanyizo by'omusenze ow'ekibanja ku ttaka era n'omuwendo gw'ensimbi ogulina okusasulwa ow'ekibanja eri nnannyini ttaka. Etteeka terikirambika mu lwatu ku bunene bw'ettaka eririna okuba mu mikono gy'owettaka eririna okuba mu mikono gy'owekibanja. Nnannyini ttaka asobola okuteesa n'ow'ekibanja ne bagonjoola ensonga eno. Enjuuyi zombi zisobola okutesaganya n'okukkaanya ku by'ensasula y'obusuulu obwa buli mwaka okkusenziira ku nkulaakulana ebeera ekoledwa ku ttaka;

Omuwendo gw'obusulu guyinza okwongezebwa oba okusalibwako okusinga ku ogwo ogwassibwa mu tteeka (ly'obusuulu).

98. Nazzikuno ng'ettaka teritwalibwa ng'ekintu eky'omuwendo ennyo. Nnannyini ttaka era nga ye yakola ng'omwami afuga ESSUULA yasenzanga abakopi ku ttaka lye kasita baamuwanga ekkanzu n'oluvannyuma empooza ku bintu ebyavanga mu mirimu egyakolebwanga ku ttaka.

Emirimu n'empooza ebyabanjibwa ku bakopi, bwalinga buvunanyizibwa obukkaanyiziddwako omwami n'abantu be, era singa bwatuukirizibwanga, tewabangawo kutaataaganya mukopi kubwannannyini bw'ekibanja kye.

Ennimitiro y'omukopi yabanga eweza yabanga eweza yiika ng'emu oba bbiri.

Ennima y'ebirime ebitundibwa bw'yajja, olwo abakopi baagaziya ennimitiro zaabwe ng'abamu balimira ku yiika munaana oba mwenda okusenziira ku busobozi bwebalina. Olukusa lwe baalina okuva ku nnannyini ttaka n'obwangu bw'okufuna ettaka.

99. Enkola y'okulima ebirime ebitundibwa yaleettera, bannannyini ttaka okussaawo obusuulu ng'enkola ennyangu ey'eokusasulira emirimu egyandikoledwa omukopi ew'omwami era nnannyini ttaka. Etteeka ly'obusuulu n'Envujjo ery'omwaka 1928 lyayisibwa ne lissaawo obukwakkulizo obulina okugobererwa era n'ekirala lyassaawo amateeka agakuuma eddembe ly'abasenze ab'ebibanja.


100. Tewali kikugira nnannyini ttaka n'ow' ekibanja ku ky'okuteeseganya n'okubeerawo mu mirembe nga bagoberera obukkwakkulizo obwabwe ,obulala bwonna, ng'oggyeeko obwo obulambikiddwa mu tteeka. Obukwakkulizo obulala ng'obwo buyinza okuba ku kwawuzaayawuza mu kibanja n'okufuna Obwannannyini obuwandiise, ku ekimu ku bitundu, okwongera ku muwendo gw'ensimbi ezisasulwa buli mwaka abo ababa bakolera ku kibanja emirimu gy'ebyobusubuzi. Bannannyini ttaka abamu bateeseganya n'abeebibanja ku nkola ey'okugabana.

Oweekibanja akkiriza okuwaayo ESSUULA ky'ekibanja kye n'aweebwa ekyapa ky'ettaka ku kitundu ky'ekibanja ekiba kikubiddwa omupunta. Enteeseganya z'engeri eno zisaana okwongerwamu amaanyi n'obutazikugira.

101. Enkola ya gavumenti eyatongozebwa ku kuddukanya ettaka ewa amakubo agalina okugobererwa bannannyini ttaka erya mmayiro n'ab'ebibanja nga bayita mu kuteesaganya era ge gano:

Okwegula, okugabana ettaka, okussaawo liizi n'okufuna ebbaluwa z'obusenze, ebifa ku makubo ago bye bino;

## Ekifaananyi ekiraga engeri z'okuteeseganyamu



### 101. Okugabana ettaka

Mu ndaagano ezikwata ku by'okugabana ettaka, abeebibanja bakkirizibwa okuwayo ekitundu ky'ekibanja basobole okuweebwa obwananyini bw'ettaka mu kyapa. Ow'ekibanja ne nannyini ttaka bayinza okulonda omutabaganya okubalunghanya mu nteesaganya z'okugabana ettaka. Mu nteesaganya, ettaka lisalibwamu ne likubibwa ng'amateeka bwe gakirambika. Endagaano y'enteseganya oba ey'okugabanya mu ttaka ekolebwa n'essibwako omukono enjuyi zombi nga waliwo omujuluzi. Endagaano esobola okuteekebwako omukono omuntu ataliiko kyekubiira, bw'aba ng'amanyi ebikwata ku nsonga z'ettaka; okwewala okukola ensobi ku mateeka agakwata ku ddembe n'obuvunaanyizibwa bw'abakozesa ettaka eziyinza okubaawo oluvanyuma lw'endagaano okukolebwa.



102. Okugabana ettaka kiyinzika okukolebwa nga kiyitira mu nteesaganya ezigenderera okumanya ebifa ku ttaka. Obunene bw’ettaka, ekifo ettaka gye lisangibwa n’emirimu egikolebwako, bisoboka okumanyibwa nga waliwo okukunnya ebifa ku ttaka mu ngeri etali ya buseere ku njuyi zombi. Okugabana gwe gumu ku miramwa gy’enteekateeka z’ekitongole kya GIZ ezikwajjira kati e Mityana ne Mubende.

### Okwegula

103. Ab’ebibanja abalina obusobozi basobola okuyambibwa ne bagula obwannannyini bw’ettakaly’ekibanjakunnannyinittakaeryaMayiro.Gavumentinayo esobola okugulira abasenze oba ab’ebibanja ettaka ng’eriggya ku nannyini ttaka ow’ekyapa ; esobola okukozesa ensawo ekola lu by’ettaka.
104. Gavumenti nayo esobola okukozesa ensawo yayo ekolaku by’ettaka n’egula obwannannyini ku nnannyini ttaka okuli abasenze abatuufu oba abeebibanja era esobola okuliguza abasenze oba mu ngeri y’okuteekawo obwenkanya.
105. Omusenze ayagala okufuna obwanannyini bw’ettaka okuva ku nnanyini ttaka alina okwebuza ku ngeri y’okuteesaganya ne nannyini ttaka ku muwendo gw’ettaka n’obukwakkulizo obulala.

Nannyini Mayiro okugula ow’ekibanja nakyo kyetagisa okumanya obunene bw’ekibanja, ekifo ekibanja we kisangibwa ; n’omuwendu ogugya mu ttaka okuli ekibanja. Okwebula bwe kubeera ku kitundu kya Mayiro, abeebibanja bakubirizibwa okugenda mu woofiisi z’ettaka basobole okukubisa ettaka eryo. Ekitongole kya GIZ kiri mu kuyamba abantu abaagala okwegula mu Mubende ne Mityana.

104. Obukwakkulizo obunaafuga okwegula bwe bumala okuteeseebwako n’okukuba ettaka, kiba kyetaagisa nga kiwedde, enjuyi zombi zikolawo endagaano eri mu buwandiike ne nnannyini ttaka era n’essibwako emikono nga waliwo n’abajulizi. Nnannyini ttaka assa omukono ku mpapula ezikyusa ekyapa, kisobozese oweekibanjaokukola ku by’okufuna ekyapa.

## Okusasula obusuulu

### Engeri z'okwawula mu ttaka erya mmayiro (Emitendera gy'okugulana egya Minisitule y'Ettaka, Amayumba- MLHUD)

- i. Asaba, atekwa okuba n'ekyapa ne ffoomu ezikyusa ekyapa, n'obufaananyi bw'omutunzi w'ettaka bubiri. Foomu ekyusa ettaka erina okubeerako ssitampu y'omukubi w'ettaka omuwandiise, eteekeddwa okubaako omukono gwa nnannyini kyapa ky'ettaka; nga kuliko ennaku z'omwezi era ng'emikono gy'omuguzi w'ettaka kwe giri.

Emitendera egigobererwa mulimu okulambika ensalo nga zikubibwa omupunta, okuteesa ku magoba aganaasasulwanga buli mwaka n'omusolo ogunaaweebwanga buli mwaka; okukola endagaano bbiri n'okuzissaako omukono nga waliwo abajulizi, okusasulira omusolo gwa ssitampu n'ebisale by'okuwandiisa liizi, okuwandiisa liizi mu woofiisi y'ebiyapa n'okufuna ekyapa kya liizi. Ensimbi ez'amagoba ezigerekebwa n'omusolo ogunaasasulwanga buli mwaka n'omusolo ogunaaweebwanga buli mwaka okukola endagaano n'okuzissaako omukono nga waliwo abajulizi, okusasulira omusolo gwa ssitampu n'ebisale by'okuwandiisa liizi mu woofiisi y'ebiyapa n'okufuna ekyapa kya liizi.

Ensimbi ez'amagoba ezigerekebwa n'omusolo ogunaasasulwa buli mwaka, birina okugerekebwa oluvannyuma lw'okwetegereza ebifa ku ttaka ly'obusenze gamba obunene bw'ettaka, n'ekifo gye lisangibwa.

- ii. Asaba, awaayo ebiwandiiko byennyini n'ebiwandiiko eby'okeddwamu eri Eggwandiisizo ly'epyapa bya mmayiro ne bikeberegwa, era okwawuza mu ttaka nekikakasibwa; olwo asabye n'alyoka yeeyongorayo. Woofiisi y'ettaka efuna ebiwandiiko ebyo n'essa ssitampu ku biwandiiko ebyokeddwamu okulaga nti, "ebiwandiiko tubifunye" era bino biddizibwa asabye.
- iii. Asabye, akebera ku biwandiiko bye yassaayo oluvannyuma lwe nnaku ttaano. Asabye awaayo ebiwandiiko ebyokeddwamu okuli ssitampu eraga nti ebiwandiiko biddiziddwa eyabireeta.
- iv. Asabye, awaayo ffoomu okuli omukono gw'omupunta wa district nga kuliko ekifo ettaka gye lisangibwa; lisiiti eziraga nti ebisale by'okukebera, okukuba ppulaani y'ettaka okuliwandiisa byasasulwa; kkopi y'ekyapa ekiraga obwannannyini, obufaananyi; n'ebiwandiiko ebyokeddwamu; bino byonna bitwalibwa mu woofiisi y'okuwandiisa ettaka lya mmayiro. Ffoomu esaba okukyusa ekyapa eyokeddwamu essibwako ssitampu eraga nti ebiwandiiko bifuniddwa era n'eddizibwa asabye.
- v. Asabye, asabibibwa okuddayo okukebera oluvannyuma lw'ennaku eziri wakati we 10 ne 25.

105. Obwerufu bwetaagisa nnyo ku ddembe ly'okukozesa ettaka ery'obwanannyini erya mmayiro. Bannannyini ttakabalana ebyapa naye ate abamu tebakozesa ttaka eryo, oba bakolera ku katundu k'ettaka ery'ekyapa. Ettaka ery'obwanannyini erya mmayiro lifumbekeddeko abasenze ng'abamu ku bo tebamanyi na nnannyini ttaka. Nnannyini ttaka naye oluusi tamanyi bunene na bugazi bwa ttaka erya buli musenze.
106. Oweekibanja kimukakaatikako okusasula obusuulu eri nnannyini ttaka olw'ekibanja kye yassaako. Nnannyini ttaka taye ateeddwa okulaga nti اساسulwa obusuulu ng'afulumya lisiiti z'obosuulu. Bino bwe bigobererwa, kisobozesa oweekibanja okusaba okuweebwa ebbaluwa y'obusenze ewandiisibwa ku kyapa ky'obwanannyini ttaka erya mmayiro ng'obwogerero ku ttaka eryo.
107. Ekigendererwa ky'enteekateeka ya GIZ ky'ekyo: okuyamaba bannannyini ttaka n'abeebinja okuwandiisa n'okukuuma ebikwata ku ddembe ly'okukozesa ettaka, nga kino kijja kuleetawo obwerufu mu ddembe ly'okukozesa ettaka lya mmayiro ; okukendeeza enkaayana wakati wa bannannyini ttaka n'abeebibanja, ne wakati w'abeebibanja ne bannaabwe abalala.

### **Oweekibanja okufuna liizi**

108. Oweekibanja asobola okuteesa ne nnannyini ttaka erya mmayiro ku bikwata ku kufuna liizi ku kibanja kye.

### **Emitendera egigobererwa bwe wabaawo omuntu eyeewanjamyanya ku ttaka.**

109. Abeewanjamyanya oba abasalimbira ku ttaka tebalina buyinza mu mateeka. Singa omuntu akizuula nti si musenze mutuufu oba kyesenza, olwo aba yeewanjamyanya ku ttaka. Etteeka likkiriza omuntu ng'oyo okunoonya nnannyini ttaka ow'ekyapa okusobola okutesaganya naye oba olyawo n'akkirizibwa okusigala ku ttaka.

## EBYA LIIZI KU TTAKA LY'OBWANNANNYINI ERYA LIIZI

### Amakulu ga Liizi

110. Liizi buba bwannannyini ku ttaka ng'amakulu gaakyo bwe galagibwa mu nyingo 3(5) ey'ebyetteeka ly'ettaka, nnannyini ttaka (agaba Liizi) agabira omuntu omulala (ayitibwa nnannyini liizi ku ttaka lya mmayiro) obuyinza bw'okubeera ku ttaka okumala ekiseera ekitandikira ku lunaku olumannyyiddwa, nga kino kikolebwa oluvannyuma lw'okusasula omutemwa gw'ensimbi ezisookerwako.
111. Enkola ya liizi etera kuteekebwawo bannannyini ttaka ku ttaka lyabwe, naye nga kino tekitwaliramumu ttaka okuli abasenze abawa obusuulu. Wabula omusenze w'ekibanja akkirizibwa, bw'afuna olukusa okuva ku nnannyini ttaka, okwazika ekibanja kye ng'asenziira ku biseera by'embeera y'obudde ebeerawo. Obukwakkulizo bw'okwazika ettaka buba bwakutegeeragana.

### Engeri Liizi gy'etondebwamu

112. Liizi esobola okugabibwa ng'omuntu akozesa amateeka oba ng'ayita mu kukola endagaano. Ebikwata ku kugabibwa okwa Liizi ku ttaka lya mmayiro, nnannyini ttaka erya mmayiro, akikola ng'agoberera ebiri mu nyingo 101 ey'amateeka g'Etteeka Erifuga Okuwandiisa Ebyapa, ajjuza ffoomu egaba Liizi eri mu kitundu ekyomunaana eky'etteeka. Endagaano eno eba erambika ebikwata ku ttaka, emirimu egigenda okukolebwa ku ttaka lya Liizi n'obukwakkulizo obulina okugobererwa ku Liizi.
113. Okusobozesa okumanyisa ensi yonna nti waliwo Liizi eyagabiddwa ku ttaka, Liizi erina okuwandiisibwa ew'omuwandiisi w'ebyapa.

Oluvannyuma lw'okuwandiisa, ekyapa ky'ettaka erya Liizi kiweebwa nnannyini Liizi ku ttaka. Ekyapa kya Liizi kisobola okukyusibwa, okukola ng'omusingo gw'ettaka n'okukikozesa mu ngeri zonna nnannyini Liizi z'ayagala kasita ng'afunye olukusa lw'okukolerako okuva eri nnannyini ttaka eyagaba Liizi.

### **Eddembe n'obuvunaanyizibwa bw'abantu ku ttaka lya Liizi.**

#### **Obukkwakkulizo ku bigwawo nga tebiraze**

114. Olwokubanga Liizi ebeera ndagaano ekoledwa wakati wa nnannyini ttaka n'omuntu omulala aweebwa Liizi, enjuuyi zombi ziba n'eddembe okukkiriziganya ku bukkwakkulizo obufuga Liizi kasita buba nga tebukontana n'amateeka ,oba nkola ya Gavumenti. Nawaakubadde ng'ebyo biri bwe bityo, waliwo enjuuyi zombi lwe ziyinza obutakkiriziganya.

Mu ngeri eyo, Liizi eba erina kugoberera mateeka agaliwo mu ggwanga. Singa Liizi tekiraga nti eby'obukkwakkulizo by'ebigwa tebiraga tebijja kugobererwa, etteeka ly'ebigwa tebiraga olwo libeera nga likwata ku njuuyi zombi.

### **Amakulu g'amateeka agafuga okuwandiisa Ebyapa**

115. Mu nnyingo nnamba 102 ey'Etteeka Erifuga Okuwandiisa Ebyapa, mulimu endagaano ezikugira aweereddwa Liizi, kyokka nga ziyamba agabye Liizi era ze zino:
- i. Aweereddwa Liizi, atekwa okusasula obusuulu mu myaka egiragiddwa mu ndagaano.
  - ii. Aweereddwa Liizi atekwa okulabirira ettaka nga liri mu mbeera nnungi, ng'afaayo okuliddaabiriza mu bbanga lyonna Liizi ly'emala okuggyako ebyo ebiba byooneddwa Musisi aba ayise, kibuyaga, n'enkuba erimu omuzira.
  - iii. Waliwo endagaano endala eziri mu nnyingo 103 ey'Etteeka Erifuga Okuwandiisa Ebyapa (RTA), nga zino ziyamba omugabi wa liizi ku ttaka, era ze zino:-  
Omuntu agabye Liizi, ajjanga kulambula ettaka ng'ali yekka n'abapunta, oba n'abakozi, oba okwetegereza ebyetaaga okuddaabiriza ku ttaka, kino akikola misana omulundi gumu mu mwaka.

Singa obusuulu ku ttaka lya Liizi tebusasulwa okumala ebbanga lya nnaku asatu

nga babubanja, oba nga tebabusabye, oba singa wabaawo engeri yonna emenya obukkwakkulizo bwa Liizi okumala ebbanga lya nnaku amakumi asatu, eyagaba Liizi akkirizibwa okweddiza ettaka lye.

Singa wabaawo okukyusa Liizi, obukkwakkulizo obufuga Liizi buba bukwata ku muguzi w'ettaka eririko Liizi, nga bwe kiragibwa mu kukyusa ettaka mu nnyingo 105 ey'Etteeka Erifuga Okuwandiisa Ebyapa.

### **Endagaano eziri mu mateeka agafuga enkolagana y'abantu ababeera awamu nga si mawandiike**

116. Mu mateeka g'Abangereza era ge tugoberera wano mu Uganda, agafuga enkolagana y'abantu ababeera awamu nga si mawandiike, okuggyako ng'eriyo amateeka amawandiike agakontana n'ago, endagaano eziyamba aweereddwa Liizi ku ttaka ze zino:
  - a. Aweereddwa Liizi ku ttaka nga'akola bulungi emirimu gye, ajja kulikolerako era aliganyulwemu mu mirembe.
  - b. Agabye Liizi ku ttaka tajolongenga ndagaano gye yakola, ng'alemesa gwe yawa Liizi okukolera ku ttaka mu mirembe.
  - c. Singa ettaka erigabiddwako Liizi libaako ebizimbe, ebizimbe ebyo birina okuba nga biri mu mbeera nnungi era nga bisaana okussibwa mu ndagaano ya Liizi.
117. Mu ngeri y'okukugira aweereddwa Liizi n'okuyamba agabye Liizi (nnannyini ttaka), etteeka eritali liwandiike libaamu amakulu gano:
  - a. Afunye Liizi alina okusasula obusuulu
  - b. Afunye Liizi alina okusasulanga omusolo.
  - c. Afunye Liizi taakozesanga bubi ttaka lye bamuwaddeko Liizi mu ngeri eryonoona.

### **Okusazaamu Liizi**

118. Liizi ku ttaka nga bwe kyalagiddwa mu makulu g'ebigambo, kitegeeza ndagaano emala ekiseera ekigere. Naye newaakubadde ng'ekyo kiri bwe kityo, Liizi esobola okumenyebwawo ng'ekiseera kyayo tekinnagwako. Engeri z'okumenyawo Liizi ze zino:

### Okuggwaako kw'ekiseera kya liizi

119. Ekiseera kya Liizi bwe kiggwaako, okugeza emyaka 49 bwe giwera, olwo Liizi emenyebwawo. Tekyetaagisa nnannyini ttaka kuwandiikira gwe yawa Liizi nti Liizi ye yaggwaako. Singa eyaweebwa Liizi asigala akolera ku ttaka nga Liizi yaggwaako, omuntu oyo aba afuuse omusenze ng'ekiti mw'agwa kijja kusalibwawo ekiseera kyonna. Singa nnannyini ttaka eyagaba Liizi awandiikira omusenze oyo okuva ku ttaka kyokka ekiwandiiko ekyo n'akiziimuula, Omusenze oyo aba afuuse mulumbaganyi, oba omuntu asaalimbira awantu awatali wuwe. Nnannyini ttaka asobola okukozesa abamaanyi n'asengula omuntu oyo aba asaalimbira ku ttaka lye.

### Okuwaayo liizi

120. Omuntu eyaweebwa Liizi, asobola okumenyawo Liizi ng'ekiseera tekinnaggwayo ng'awaayo ettaka eri nnannyini ttaka. Engeri etera okukozesebwa ya kukolawo ndagaano ey'okuwaayo liizi eri nnannyini ttaka. Endagaano eno ebeera eraga nti ettaka lizziddwayo ,esobola okuwandiisibwa, era olumala ekyo ng'ekyapa kya Liizi nakyo kisazibwamu.

### Okufiirwa Liizi

121. Singa eyaweebwa Liizi amenya ebiri mu mateeka agafuga Liizi, okugeza singa alemererwa okusasula obusuulu, oba okukozesa ettaka ng'atagoberedde nsonga yamuweesesa Liizi, eyamuwa Liizi asobola okumenyawo Liizi ng'agisazaamu. Waliwo engeri bbiri ez'okusazamu Liizi.
122. Eyagaba Liizi, asobola okweddiza ettaka n'atandika okulikolerako ,oba okukolera ku kitundu ky'ettaka eryo. Oluvannyuma nnannyini ttaka asaba omuwandiisi w'ebiyapa ng'ayitira mu nnyingo 114 ey'Amateeka Agafuga Okuwandiisa Ebiyapa, ng'amusaba ayingize mu biwandiiko by'olukalala lw'ebiyapa erinnya lye, era asazeemu Liizi gye yali agabye, azzeeko erinnya lya nnannyini ttaka.
123. Emirundi mingi eyaweebwa Liizi ayinza obutakkiriza eyamuwa Liizi kujja ku ttaka lye mu mirembe. Mu ngeri eyo, eyagaba Liizi asobola okweggyako gwe yawa Liizi

ng'ayitira mu kkooti. Eyagaba Liizi awaaba omusango mu kkooti ng'awaabira gwe yawa Liizi ng'alaga engeri amateeka ga Liizi bwe gamenyeddwa , era ng'asaba kkooti emuwe obuyinza obusazaamu Liizi, n'obwannannyini bw'ettaka buddire eyagaba Liizi. Kkooti etuula n'etunula mu nsonga oluvannyuma lw'okuwuliriza obujulizi okuva ku njuuyi zombi, eyagaba n'eyaweebwa Liizi; kkooti bw'esalawo okufulumya ekiragiro ky'okusaza mu Liizi, olwo ekyapa ky'ettaka lya Liizi nga kisazibwamu.

### Okugatta obwannannyini

124. Okubeerawo kw'omuntu eyaweebwa Liizi kitegeeza nti waliwo abantu babiri, agaba n'aweebwa Liizi, ng'abantu bano buli omu alina eky'enjawulo ky'akolera ku ttaka lye limu. Agaba Liizi, nga nnannyini ttaka erya mmayiro yeesigaliza obuyinza obw'okweddiza ettaka n'okulikolerako oluvannyuma lwa Liizi okuggwako.
125. Waliwo obwannannyini ttaka lya mmayiro, n'obwannannyini ku ttaka lya Liizi we buyinza okuteekebwa mu mukono gw'omuntu omu. Kino kibeerawo singa omuntu aweereddwa Liizi ,aweebwa omukisa n'agula ettaka lye limu n'afuna obwannannyini bw'ettaka lya mmayiro ku ttaka kwe yaweebwa Liizi. Mu ngeri eyo, obwannannyini bwa Liizi n'obwannannyini bw'ettaka lya mmayiro buba bugattiddwa ,obwannannyini ne bufuuka bumu.Oluusi nnannyini ttaka ayinza okugula nnannyini Liizi ku ttaka lye. Owaliizi asobola okwegula n'afuna obwannannyini obugattiddwa awamu. Omuntu oyo asaba ekyapa kya Liizi ne kisazibwamu omuwandiisi w'Ebyapa.

### Okuzza liizi obuggya

126. Liizi emala ekiseera nga kigere nga bwe kiragiddwa,ate era eggwako. Ebintu byonna ebikoleddwa nga byalubeerera ,okugeza ebizimbe ebizimbiddwa byonna biddizibwa nnannyini ttaka, okuggyako nga waliwo endagaano ey'enjawulo erobera kino, eyaweebwa liizi tateekwa kuliyirirwa oba kusalwa ku bye yakolerako. Mpozzi ekiyinda okukolebwa enjuuyi zombi ziyinda okukkiriziganya, ne bakiraga nti eyaweebwa liizi, alina omukisa okuzza obuggya liizi. Omukisa ogwo bwe gubaawo, olwo eyaweebwa liizi alina eddembe okuzza obuggya liizi. Bulijjo watera okubaawo akawaayiro akalaga nti eyaweebwa liizi alitegeeza nnannyini ttaka nti ayagala kweyambisa omukisa ogw'okuzza obuggya liizi. Singa endagaano eyakaggwako eraga obukwakkulizo obunaagobererwa mu liizi empya, okugeza okusasula obusuulu,



obukwakkulizo obwo bwe buba bujja okugobererwa. Singa tewaba kakkwakkulizo konna mu liizi eyakaggwako, eyaweebwa liizi ne nnannyini ttaka baddamu ne bateesaganya ku mateeka ga liizi empya.

127. Bwe waba nga tewali kawaayiro kalaga nti waliwo omukisa gw'okuzza obuggya liizi,nnannyini ttaka n'anaaweebwa liizi bakola endagaano ku by'okuzza obuggya liizi. Enjuuyi zombi ziddamu buto okuteesaganya. Enteesaganya zirina okuba nga zikwata ku nsimbi ez'amagoba,obusuulu bw'omwaka, ekiseera liizi kyenaamala; n'obukwakkulizo obulala obusaana okussibwa mu liizi empya obulina okugobererwa enjuuyi zombi.
128. Singa enteesaganya z'okuzza liizi obuggya zikolebwa nga liizi tennaggwako, endagaano eraga nti waliwo enkyukakyuka mu liizi ,esobola okukolebwa n'ewandiikibwa ng'essibwa ku kyapa kya liizi ekyaliko.Singa liizi enkadde eba nga yaweddeko, liizi empya erina okukolebwa,n'ewandiisibwa;era ekyapa ekiggya ekiraga liizi empya olwo nakyo kifulumizibwa.

# OKUSIKIRA EBY'OBUGAGGA BYA BA NNANNYINI TTAKA N'ABEEBIBANJA

## Ennyanjula

129. Obusika n'okusikira eby'obugagga kifugibwa etteeka ly'obusika, Ekitundu 162 eky'amateeka ga Uganda. Ettaka ky'ekyobugagga ekisinga okumanyika mu Uganda naddala mu bantu abaabulijjo. N'olwensonga eyo, ekitabo kino kijja kwogera ebitonotono ku nsonga y'okusikira ettaka. Mu buwangwa obusinga mu Uganda, omuntu bw'afa nga mukulu n'aleka ebintu n'abaana, omuntu oyo alina okusikirwa. Ebyobugagga bikwasibwa omusika n'abaana ne babateerawo “maama” oba “taata”.
130. Kiba kya magezi buli muntu alina obugagga okukola ekiraamo. Ekiraamo kiba kiwandiiko ekikolebwa ng'omuntu akyali mulamu, ng'alagira engeri ebyobugagga bwe, oba ebimubanjibwa( bisobola okuba ensimbi, ebintu ebikalu, emigabo, amabanja ge yeewola oba ge yawola) gye birina okulabirirwamu ng'afudde. Omuntu akola ekiraamo ayitibwa omuntu alesse ekiraamo ekiwandiike. Waliwo embeera y'omuntu okufa nga talesse kiraamo kiwandiike eyitibwa okufa ng'omuntu talaamyee.
131. Singa owandiika ekiraamo obeera osazeewo bulungi ku nkwata y'obugagga bwo. Kino kiyamba mikwano gyo, ab'omu maka go, ssaako okutumbula obwenkanya mu ggwanga. Omuntu alina eddembe okugabira omuntu gw'ayagala ku byobugagga bwe mu ngeri ye gy'alowooza nti ye ntuufu. Oweekiraamo alina okwegendereza n'ataleka bweru muntu yenna gw'abadde avunaanyizibwako, okwewala embeera y'okuwakanya ekiyinja okukolebwa oyo aba aleekeddwa wabweru, kyokka ye n'agenda mu kkooti. Engaba y'obugagga teyeetaagisa kubeera nga yenkanankana, naye buli anaagabana ku byobugagga kirungi okuweebwa omugabo ogutegerekeka. Wabula ebintu

by'awaka ng'ebikopo, ebidomola, ebitanda, n'ebintu ebiriirwamu emmere tebibalwa nga bya bugagga ebirina okugabwa. **Enkola y'Ekiraamo eragiddwa mu kitundu 'B'ekikokeddwako ku nkomerero y'ekitabo.**

132. Ebibeera mu kiraamo ebiteekeddwa okumanyibwa n'okuggumiza bye bino:

- ✓ Amannya g'omuntu alaama.
- ✓ Endagiriro y'ekifo gy'abeera.
- ✓ Amannya ga mukazi we oba omusajja we, ekifo n'olunaku lwe bafumbiriganwa.
- ✓ Amannya g'abaana n'emyaka gyabwe.
- ✓ Ebinnyonola eby'obugagga, eokugeza attaka, ekibanja, emmotoka, emigabo gyalina mu kkampuni ne yinsuwa.
- ✓ Engabanya y'eby'obugagga.
- ✓ Amannya g'abantu abalina obuyinza okugaba ebintu by'Omugenzi n'endagiriro zaabwe.
- ✓ Amannya g'abakuza b'abaana abakyali abato.
- ✓ Omukono oba ekinkumu ky'omuntu alesse ekiramo.
- ✓ Ennaku z'omwezi ekiraamo lwe kyakolebwa.
- ✓ Abajulizi atakka wansi wababiri.
- ✓ Ekiraamo kirina okuba mu buwandiike obw'omukono gw'omuntu oba nga nga kikubiddwa mu kyuma.
- ✓ Omuntu alesse ekiraamo alina okussa omukono gwe ku miko gyonna egy'empapula.

133. Awandiise ekiraamo, ayinza okukookerako ekiwandiiko ekirala, nga kikolebwa oluvannyuma lw'okukola ekiraamo. Ekiwandiiko kino kiba kinnyonyola oba okukyusa mu kiraamo oba okwongereza ku biri mu kiraamo. Kino nno kibalibwa ng'ekitundu ky'ekiraamo.

134. Amaka, omusula omukazi /omusajja w'omuntu n'abaana abalenzi abatanaweza myaka kkumi na munaana, oba abawala abatanaweza myaka abiri mu gumu era tebannafumbirwa, amateeka gabakkirizaokubeera mu maka omwo.

135. Omuntu awandiise ekiraamo, asobola okugabira abantu eby'obugagga bye mu


kiraamo. Okugaba eby’obugagga mu kiraamo kikkirizibwa n’okugabirakako abantu abalala, oboolyawo abatandifunye mugabo gwonna singa omuntu afa talesse kiramo; okugabirako abalala kikkirizibwa singa alesse ekiraamo aba tasosodde mu bantu b’abadde alabirira. Aboogerwako mwe muli omukazi/omusajjawe, abaanabe n’abalala b’abadde alabirira.

### **Abantu abaganyulwa mu by’okusika Omubeezi/mukazi we oba musajja we**

136. Ono ye bba oba mukyala w’omuntu. Etteeka ly’obusika likkiriza obufumbo obutongole, obwo obw’ennonno obukkiriza omuntu okuba n’abakyala ababiri; obufumbo obuliko ebbaluwa (okusinziira ku biri mu tteeka ly’obufumbo omukyala alina kuba omu), oba abufumbo nga bagatte bamanyiddwa omuwandiisi w’ensonga z’abafumbo (omukyala omu/omusajja omu) oba omusiraamu akkirizibwa okuba n’abakyala bana oba obufumbo obwa Hindu.

*Abantu abasinga mu Uganda bali mu bufumbo obutakkirizibwa mu mateeka. Basula wamu kyokka nga ssi bafumbo. Omuwendo gwa gw’abafumbo abatuufu guli 22 ku buli 100, so ng’abantu 65 ku buli 100 basula wamu naye nga tebali mu bufumbo obukkirizibwa mu mateeka. Abantu abali mu nkolagana eyo tebabalirwa ku banaagabana ku byabusika. Noolwekyo kirungi abantu abali mbeera eyo, okulongoosa obufumbo bwabwe busobole okukkirizibwa mu mateeka g’abafumbo*

## Etteeka ly'obusika liwa enkizo ku bafumbo abali mu mateeka



### Abaana

137. Kino kitwaliramu abaana abazaaliddwa mu mateeka g'obufumbo n'abazaalirwa wabweru w'amateeka g'obufumbo n'abalala bonna abaakuzibwa. Etteeka ly'obusika terisolola mwana k'abe ng'azaaliddwa mukyala wa mpeta, k'abe ng'azaaliddwa bweru; k'abe muwala oba mulenzi, k'abe mulema k'abe atya.

### Abantu abalabirirwa

138. Kitegeeza omukyala oba omwami, omutabani oba omuwala ,omuzadde oba muganda wo oba mwannyoko oba jjajja, oba omuzzukulu eyali alabirirwa omugenzi ng'aweebwa ebyetaago by'obulamu obwabulijjo.
139. Omusika ow'ennono y'omu ku baganyulwa mu kufuna ebyobugagga by'omugenzi. Omusika w'ennono ayinza okuba omwana, mugandawe; mwannyina; kitaawe omuto oba ssenga we.

### Emirimu gy'ekika n'ab'omu maka

140. Omuntu bw'afa n'aleka ebyobugagga mu Uganda, alipoota eraga okufa kwe etwalibwa ewa Omukungu wa Gavumenti alabirira eby'obugagga by'abagenzi. Singa omuntu afiira mu ddwaliro, ebbaluwa y'omusawo eraga ekyaviiriddeko okufa kw'omugenzi etera okufulumizibwa eddwaliro. Omuntu bw'afiira awalala ab'omu maka ,oba abooluganda lwe bateekwa okuwa alipoota y'okufa kwe eri omwami ow'eggombolola era ono abawa ebbaluwa entonotono eraga nti omuntu yafa.
141. Singa omugenzi yaleka ekiraamo, ekiraamo ekyo kisomebwa nga tannaziikibwa, oba ng'amaze okuziikibwa. Omugenzi ayinza okuba ng'alesse alonze omusika. Singa aba teyalonda musika, mulimu gw'ab'ennyumba n'ekika okulonda omusika ng'abagoberera ennono n'empisa z'omu maka ago.

### Emitendera egiyitibwamu okusikira eby'obugagga bya nnannyini ttaka

#### Okusikira omuntu alesse ekiraamo

142. Omuntu bw'afa ng'alesse ekiraamo, ekiraamo ekyo kiyinza okusomebwa mu kuziika oba mu kukuma olumbe. Singa ekiraamo kiraga engeri omugenzi gy'ayagala okuziikibwamu, ekyo kirina okussibwa mu nkola.

## Ekiraamo n'engabanya y'ebbugagga by'omugenzi



143. Omuntu eyakola ekiraamo bw'afa, omuntu gwe yalonda okussa mu nkola ekiraamo agenda n'afuna ebbaluwa eraga okufa kw'omugenzi ng'agiggya mu ddwaliro, oba okuva ew'omwami ow'eggombolola. Omuntu alina okussa ekiraamo mu nkola, atwala ebbaluwa ew'omuwandiisi w'ebiyokufa n'okuzaalibwa kw'abantu mu Uganda mu kitongole ekikola ku biwandiiko ebyo ekya NIRA.
144. Omuntu eyalondebwa okussa ekiraamo mu nkola, awandiikira Kkooti etwala ekitundu, omuli ebyobugagga by'omugenzi ng'agisaba emuwe obukakafu obulaga nti ekiraamo kituufu. Okusaba kuno kuba mu lulimi Lungereza. Ekiraamo kissibwa ku

bbaluwa esaba Kkooti. Singa ekiraamo kiba tekyawandiikibwa mu Lungereza, kkopi ekyusiddwa okuva mu lulimi olunnansi eteekebwako wamu n'ekiraamo. Okusaba Kkooti kulina okulaga ekiseera omugenzi we yafiira ,n'obukakafu obulaga nti ddala yafa. Okusaba kkooti kulina okulaga nti ekiwandiiko ekissiddwako ky'ekiraamo ky'omugenzi ekyasemba okuwandiikibwa, era kiraga omuntu eyalondebwa okukissa mu nkola, n'ebuyobugagga ebinaakwasibwa omuntu oyo aba abisabye, era nti omuntu abisabye y'oyo eyalondebwa okukissa mu nkola. Oluvannyuma lw'okwetegereza ekiraamo, Kkooti efulumya ekiwandiiko ekiraga nti ebyogerwako mu kiraamo bituufu, era obukakafu obwo bukwasibwa omuntu eyalondebwa okukissa mu nkola.

145. Bw'amala okufuna obuyinza obussa ekiraamo mu nkola, omuntu alina obuyinza okukissa mu nkola awandiikira omuwandiisi w'ebuyapa ng'amusaba okuyingiza amannya ge ku lukalala lw'amannya . Okusaba kwe akussaako kkopi ya kkooti ekakasa nti ekiraamo ky'alina kituufu, assaako obufaananyi bwe, assaako kkopi y'endagamuntu n'ekyapa ky'ettaka eky'omugenzi. Okusaba okwewandiisa kimalawo ssiringi omutwalo gumu ku buli kyapa. Oluvannyuma lw'okuyingiza amannya ge ku kyapa, omuntu eyaweebwa obuyinza okugaba ebyobugagga ebyogerwako mu kiraamo atandika okubigaba ng'agenda akyusiza mu mannya g'abantu abalina okugabana.

### **Okusikira omuntu afudde nga talesse kiraamo**

146. Omuntu bw'afa nga talesse kiraamo kiwandiike, kiri mu mateeka okubika omuntu afudde ng'alesse ebyobugagga mu Uganda, eri Omukungu wa Gavumenti avunaanyizibwa ku kulabirira ebyobugagga by'abagenzi. Enkola eriwo eri nti oluvannyuma lw'omukolo gw'okuziika ab'omumaka ge n'Abekika batuula ne balonda omusika. Omusika ,oba n'abooluganda lw'omugenzi bagenda mu ddwaliro, oba ku Ggombola ne bafuna ebbaluwa eraga ekyavaako omugenzi okufa; omusika oba abooluganda lw'omugenzi bagitwala ew'omuwandiisi akola ku biwandiiko by'abafu n'abazaalibwa mu Uganda ku kitebe ky'ekitongole ekikola ku ebyo ekiyitibwa URSB mu bufunze, oba abasigire baakyo ababeera ku Disitulukiti oba ku Ggombola.



147. Omusika, oba abooluganda b'omugenzi bassaamu okusaba eri Omukungu wa Gavumenti alabirira ebyobugagga by'omugenzi, abayambe era emitendera egigobererwa gibeera bwe giti:

- i. Okugula ffayiro omubeera ffoomu ejjuzibwamu ebiwandiiko ebikwata ku kufa kw'omugenzi; eno etundibwa mu woofiisi ekola ku by'ensimbi ey'omuyambi wa Gavumenti egula ssiringi 2,000/=*
- ii. Okujjuza ffoomu ekwata ku by'okufa kw'omugenzi, okussaako ebbaluwa eraga ekyaviiriddeko omugenzi okufa, oba okussaamu ebbaluwa ya L.C.I ekakasa okufa kw'omugenzi, ekiraamo kissibwako bwe kiba nga gye kiri, n'ebbaluwa erimu okusaba ,oba okuwanjagira Omukungu wa Gavumenti alabirira ebyobugagga by'abagenzi okubayamba.*
- iii. Oluvannyuma lwa ffayiro okuggulibwawo, ekwasibwa munnamateeka okutandika okunoonyereza.*
- iv. Munnamateeka atuuzza olukiiko nga mulimu Abooluganda n'emikwano gy'omugenzi; Olukiiko luno luba luyitiddwa Omukungu wa Gavumenti alabirira ebyobugagga by'abagenzi, oba abasigire be Newaakubadde ng'abomu maka bayinza okubeera nga batuuka ne bakola olukiiko olwabwe.*
- v. Munnamateeka era ayita olukiiko lw'abooluganda n'emikwano gy'abantu abaganyulwa mu by'obugagga by'omugenzi.*
- vi. Munnamateeka bw'amala okukakasa n'okumatira nti okusaba okwakoleddwa n'abantu abanaaganyulwa byonna bituufu, n'okukitegeera nti abantu abo bonna bakkaanya, ng'olwo asemba ekyokufulumya ebbaluwa eraga nti abaasabye bakkiriziddwa okukola ku nsonga yaabwe; omuntu oba abantu abakkanyiziddwako beeyongerayo ne basaba ebbaluwa ebawa obuyinza okulabirira n'okuddukanya eby'obugagga by'omugenzi.*

148. Omukungu wa Gavumenti alabirira ebyobugagga byabafu ,mu ngeri endala,asobola okusaba ebbaluwa emuwa obuyinza okulabirira eby'obugagga by'omugenzi singa wabeerawo obutakkaanya mu maka. Okusaba ebbaluwa eno kugenda eri Kkooti y'ekitundu omusangibwa ebyobugagga by'omugenzi.
149. Ebbaluwa egaba obuyinza obw'okulabirira ebyobugagga by'omugenzi bw'emala okufunibwa, abo abaweereddwa obuyinza bawandiikira omuwandiisi w'ebiyapa nga bamusaba amannya gaabwe okuyingizibwa ku lukalala lw'abeebyapa.Okusaba kwe bakola balina okussaako bino: Kkopi y'ebbaluwa eriko ssitampu eraga obuyinza bw'okulabirira ebyobugagga, obufaananyi n'endagamuntu by'abantu abasaba, n'ekyapa ky'ettaka eky'omugenzi. Okusaba kuno kulina okugenderako ssiringi omutwalo guno ez'okuwandiisa buli kyapa kyattaka.
150. Amannya g'omuntu alina obuyinza ku by'obugagga by'omugenzi, bwe gamala okussibwa ku kyapa, olwo aba asobola okugabirako abantu abateekwa okuganyulwa ku by'obugagga by'omugenzi, ng'akyusa ebiyapa okubizza mu mannya gaabwe .

## Emitendera gy'okusikira Eddembe ly'omusenze ow'ekibanja



151. Emitendera gy'okusikira nnannyini kibanja gye gimu n'egyo egiyitibwamu okusikira omuntu afudde n'aleka ekiraamo ekiwandiike, oba okusikira omuntu afa nga talesse kiraamo. Singa nnannyini kibanja aba nga yaleka ekiraamo ekiwandiike, ebiri mu kiraamo ekyo bye bigobererwa kasita biba nga tebikosa bakyala, abaana n'abantu abaliko obulemu.
152. Singa nnannyini kibanja afa nga talesse kiraamo, ab'omu maka n'Abekika kye batuula ne balonda omusika ,nga bagoberera ebyobuwangwa n'ennono eby'omugenzi.
153. Emirundi egisinga, ensonga z'obusika bw'abeebibanja tezitera kuggweera mu kkooti olw'okuba ekibanja si kiwandiise. Omuntu yenna aba akoseddwa engabana eba yakoleddwa Abekika asobola okulajaanira woofiisi y'Omukungu wa Gavumenti akola ku by'obusika okumuyamba.


# 8

## ENGERI Y'OKUGONJOOLA ENKAAYANA Z'ETTAKA

**Ennyanjula ku bikwata ku nkaayana ez'enjawulo.**

153. Okufaananako n'ebuyobugagga ebirala, ettaka libaddewo nga livaako enkaayana, oluusi n'entalo mu bannansi, mu mawanga, mu bika, mu maka ne mu bantu bokka na bokka ;bwe kituuka ku ttaka ery'obwannanyini erya mmayiro, enkaayana zigenda zeeyongera olw'abantu okweyongera ku ttaka, omuwendo gw'ettaka okweyongera oba okubeerawo kw'ebintu nkumu ebisobola okukolerwa ku ttaka, ssaako obunafu obuli mu kitongole ky'amateeka n'engeri ez'okumalawo enkaayana. Waliwo engeri z'enkaayana eziwerako wakati wa bannanyini ttaka erya mmayiro bokka na bokka, wakati wa bannannyini ttaka erya mmayiro n'abasenze, wakati w'abasenze bokka na bokka ne Gavumenti.

## Okugonjoola enkayana ku ttaka



154. Enkaayana eziwerako zisobola okubaawo wakati w'abakaayanira ettaka ly'obwannanyini bwa mmayiro ng'omwo mw'otwalidde:

- Enkaayana z'oku nsalo z'ettaka ezaawula bannannyini ttaka lya mmayiro ab'enjawulo.
- Enkaayana ku bwannanyini bw'ettaka ku kitundu ky'ettaka eziva ku kugula oba okuguluna, ng'omwo mw'otwalidde okugulana okw'okugingirira.  
Ekyokulabirako: Mw.Kiggundu yagula ettaka eriweza yiika ttaano, nga ziva ku ttaka lya Musoke eriweza yiika amakumi ana n'asasulako ESSUULA ky'ensimbi, naye ate ayagala kukuba ttaka yiika ttaano, nga bw'asubiza nti ajja kusasula

- ensimbi ezisigaddeyo ng'afunye ekyapa ky'ettaka.
- c. Enkaayana eziva ku kusikira ettaka lya mmayiro ezibeera mu bantu ab'omumaka.

### **Enkaayana wakati wa nnannyini ttaka erya mmayiro n'abeebibanja**

155. Nga bwe kibeera wakati wa nnannyini ttaka erya mmayiro n'oweekibanja, enkaayana zino wammanga zisobola okubalukawo.
- Okwagala okumanya obwannanyini, oba obusenze bw'ekibanja mu mateeka amatuufu, oba oweekibanja alina ebbaluwa.
  - Okwagala okumanya obunene bw'ettaka oweekibanja ly'alina okuweebwa. Okumanya ensalo z'ettaka z'oweekibanja
  - Okumanya oba oweekibanja yagula oba yatunda ekibanja kye ng'alina olukusa lwa nnannyini ttaka owa mmayiro.
  - Okumanya oba oweekibanja abadde اساسula obusuulu obw'omwaka.
  - Okumanya oba nnannyini ttaka agaanye okukkiriza obusuulu.
  - Okumanya oba nnannyini ttaka erya mmayiro atunze nga tawadde wakibanja mukisa gwakwegula.
  - Enkaayana wakati w'okuliyirira ow'ekibanja ku kibanja kye, n'okuliyirira enkulaakulana eba ekoledwa ku kibanja.

### **Enkaayana wakati w'abeebibanja**

156. Nga bwe kiba wakati w'abantu abakaayanira obusenze ku ttaka, oba abasenze abalina ebbaluwa, enkaayana zisobola okubalukawo nga ziva ku nsonga zino:
- Ku ani nnannyini omutuufu ow'ekibanja ekikaayanirwa.
  - Ku nsalo z'ebibanja ez'enjawulo.
  - Ku ani asikira ekibanja ky'omugenzi n'omugabo gwa buli alina okuganyulwa ne w'alina okugabana.
  - Ku nsasula y'ekibanja ekitundiddwa.
  - Wakati w'eddembe lya bannamwandu erikwata ku kibanja ky'omugenzi n'ab'omumaka abalala okugeza omusika n'abakulu abamuzaalira bba Omugenzi.

## Engeri z'okumalawo enkaayana

157. Bwe wabeerawo enkaayana ku ttaka lya mmayiro,abalina obutakkaanya bayinza okumalawo enkaayana mu ngeri nnyingi okusobola okwewala ebikolwa ebimalawo emirembe.Bayinza okugenda mu Kkooti, oba mu bakulembeze ab'enjawulo mu bitundu byabwe ,oba amakubo amalala ag'okugonjoola enkaayana.
158. Waliwo amateeka agayinza okukozesebwa mu kugonjoola enkaayana z'ettaka, era gano:
  - a. Ssemateeka wa Uganda, lino ly'etteeka ekkulu.
  - b. Etteeka ly'abalamuzi ery'okusalawo ku nsonga.
  - c. Etteeka ly'Ettaka
  - d. Etteeka erifuga eby'okuwandiisa ebyapa
  - e. Etteeka erifuga enteekateeka ezinaakolererwa ku ttaka
  - f. Etteeka ly'okufunamu ettaka
  - g. Etteeka ly'okuwaabaomusango mu kkooti
  - h. Etteeka ly'obusika
  - i. Etteeka ery'obulamuzi mu kkooti
  - j. Amateeka amalala agafulumizibwa Palamenti mu buwandiike.
  - k. Etteeka ly'okuyitibwa mu kkooti
  - l. Amateeka g'ebitundu agatali mawandiike ag'obuntu bulamu.

## Okugenda mu Kkooti z'Abalamuzi

### Ebika bya Kkooti

159. Okusenziira ku Ssemateeka wa Uganda ennyingo 129(1) obuyinza bw'okulamula buli mu Kkooti z'Abalamuzi bano wammanga
  - a. Kkooti ya Uganda Ey'enkomeredde
  - b. Kkooti enkulu ejulirwamu eya Uganda
  - c. Kkooti Enkulu eya Uganda
  - d. Kkooti ento nga zigoberera amateeka agayisiddwa Palamenti.
160. Kkooti ezisookerwako za ngeri bbiri okusenziira ku Tteeka eryayisibwa Palamenti erifuga Abalamuzi Magistrate's Courts Act,Akawaayiro 16.Kkooti Ento

ezassibwawo okugonjoola enkaayana. Kkooti zino ezikulirwa Chief Magistrate zirimu ey'Omulamuzi wa Kkooti Ento oweddala erisooka n'Omulamuzi wa Kkooti Ento oweddala eryokubiri. Palamenti yayisa ennyingo S.74 ku Tteeka erifuga Ebyettaka eryalongoosebwamu ne watekebwawo Obukiiko bw'ettaka ku buli Diisitulikiti ya Uganda. Obukiiko bw'Ebyettaka bwakola ku nkaayana z'ettaka ery'omuwendo gwalyo nga tegusussa ssiringi bukadde 50. Kkooti zino wabula tezikiyakola olw'ebbula ly'ensimbi eziddukanya emirimu gyazo. Kampegano enkaayana z'ettaka ziwulirwa Kkooti Enkulu oba Abalamuzi b'ekkooti ento.



### Enkola egebererwa okugenda mu kkooti

161. Enkaayana ezisinga mu byettaka ziyinza okumalibwawo mu mirembe gamba ez'obwannanyini, ensalo z'ettaka n'eddembe ly'obuntu. Abasowaganye beetaaga



Kkooti okubasalirawo n’okukuuma eddembe, oba Kkooti okusalawo ku baani abalina okuliyiririrwa olwokutyoboola eddembe lyabwe. Bino bitera okubaawo mu mbeera z’abantu ezabulijjo. Mu nkola eno, Omuwaabi ng’ayambibwako looya we ,aggulawo omusango mu Kkooti. Omuwawaabirwa aweebwa empapula za kkooti eziraga nti agguddwako omusango, era naye naddamu nga yeewozaako. Abasowaganye baleeta abajulizi mu kkooti ne batandika okuwoza okusinziira ku mateeka. Oluvannyuma Kkooti esalawo, era ensalawo yaayo n’egissa mu buwandiike.

### Okuwoza mu kkooti y’omulamuzi



## Enkola egobererwa nga waliwo azizza emisango

162. Enkaayana oluusi zibeeramu obuzzi bw'emisango naddala bwe wabeerawo okwonoono ebintu n'okukosa obulamu bw'abantu. Obuzzi bw'emisango obulala buyinza okubeera mu kujingirira ebyapa, endagaano oba ebiraamo. Awali obuzzi bw'emisango, omuntu akoseddwa ayinza okuloopa ku Poliisi. Poliisi enoonyereza era singa kizuulibwa nga waliwo obujulizi obumala, Poliisi etwala abazzi b'emisango mu KKooti. Omuwolereza wa Gavumenti atwala ensonga mu maaso, Omuwaabi eyakoseddwa ayitibwa mu kkooti n'awa obujulizi. Awaawabiddwa bwe gumusinga mu ngeri yabulijjo ayinza okuwa engassi oba okusibwa mu kkomera. Oluusi Kkooti eyinza okusalawo, omuwaabi n'aliyirirwa ensimbi.

## Omupunta



### Amakubo g'okukozesa Abakulembeze n'aboobuyinza

163. Enkaayana zisobola okumalibwawo Abakulembeze abawerako mu ngeri nnyingi. Ekyokulabirako omupunta w'ettaka asobola okutuukirirwa ,n'ayerula ensalo singa waabaawo enkaayana ku by'ensalo z'ettaka. Alipoota gy'awa bw'ekkirizibwa ababa basowaganye kiba nga kimalawo enkaayana. Abakulembeze ba L.C, abataka oba Abakulu b'Ebika, Abakuumi b'eddembe okuva mu Poliisi, RDC oba omukulembeze yenna mu kitundu ayinza okumalawo enkaayana. Enkola zino zo teziriiko misoso mitongole

### Amakubo amalala ag'okugonjoola enkaayana

164. Emisoso gya Kkooti emitongole gimala ekiseera kiwanvu era gya bbeeyi. Omuntu wa bulijjo ayagala okuwaaba, naddala bannamwandu, abaana n'abantu abaavu, tebasobola kusasulira balooya okubakiikirira mu kkooti. Noolwekyo kyetaagisa okubaawo n'amakubo amalala ag'okugonjooleramu enkaayana.
165. Okubeera n'Enkola endala ey'okugonjoola enkaayana kitegeeza amakubo amalala gonna agaleeta emirembe ng'omuntu tagenze mu kkooti. Muno mulimu *okutesaganya, okuwooyawooya, okutabaganya n'okutawulula*(ADR). Amakubo gano malungi okusinga enkola ey'okwewuuba mu kkooti, olwokubanga nnyangu ate si yabuseere. Ekirala abantu baweebwa omukisa okunyonyola ensonga zaabwe nga bwe balaba ssaako okukyusakyusa mu ntegeka okusinziira ku byetaago by'abasalawo okugikozesa.

### Okutawulula abasowaganye

166. Okutawulula y'enkola entongole abasowaganye we beerondera omuntu ataliiko kyekubiira, okubatawulula. Abasowaganye batwala obujulizi eri omuntu anaabatawulula, era ekisalibwawo kitwalibwa mu Kkooti, olwo Kkooti n'ekissa mu nkola ng'ensala yaayo. Enkola eno nnungiko okusinga ku mitendera gya Kkooti wabula eriko emisoso egigifuula ey'ebbeeyi. Enger esingira ddala obulungi y'ey'okutabaganya abasowaganye.

## Okutesaganya, okuwooyawooya n'okutabaganya

167. Amakubo g'okutesaganya,okuwooyawooya n'okutabagana geesigamizibwa ku ddembe ly'abasowaganye, okwesalirawo ku engeri ennungi gye bayinza okuyitamu okumalawo obutakkaanya bwabwe,nga tebayise mu makubo matongole. Mu nteeseganya,enjuuyi zombi zisobola okutuula zokka oba n'abooluganda, oba n'abeemikwano ne batuuka ku kukkaanya.

Mukuwooyawooya n'okutabaganya,enjuuyi ezikwatibwako zireetamu omutabaganya, okugeza: omulembeze wa LC,oba Omukulu w'ennyumba, oba munnaddiini ajja n'abayamba okutuuka ku kukkaanya.Tewabeerawo kiwandiiko kyonna kikolebwa, wabula enjuuyi ezisowaganye ziteesa nga ziyambibwako omutabaganya gwe beeronedde, ne batuuka ku kukkiriganya.Ekiba kisaliddwawo kissibbwa mu buwandike nga kuliko ng'obujulizi obulaga nti wabaddewo okukkiriziganya.

168. Enkola eno nnungi eri abantu babulijjo abatalina nsimbi, okugeza bannamwandu, bamulekwa, abakadde ennyo n'abalwadde abatasobola kwereega mu misoso gy'okugenda mu kkooti, oba enkola entongole ez'okutawulula abali mu nkaayana. Abatabaganya batera okuba nga bantu bawuliriza bulungi, era nga basobola okusisinkana enjuuyi zombi mu kiseera n'ekifo bye baagala.

# 8

## OKUKUUMA EDDEMBE LY'ABAKYALA N'ABANTU ABATEEYINZA KU TTAKA LYA MMAYIRO

### Engeri ssemateeka gy'akuuma eddembe ly'abantu abateeyinza.

169. Ennyingo 21(1) eya Ssemateeka wa Uganda ekirambika nti “ abantu bonna benkana mu maaso g'amateeka agafuga ebyobufuzi, ebyenfuna, eby'embeera z'abantu, ebyobufuzi, eby'obuwangwa ne buli ngeri zonna; era bajja kukuumbwa amateeka mu bwenkanya” okusingira ddala abakyala (naddala abaavu abasangibwa mu byalo ne bannamwandu), abaana ( naddala abaana abawala), n'abantu abaliko obulema; balina okuweebwa eddembe ly'obwannannyini bw'ettaka lya mmayiro, oba eddembe ly'abeebibanja.
170. Ennyingo 21(2) eya Ssemateeka yeeyama okukuuma eddembe nti tewateekwa kubaawo kusosola muntu olw'ekikula kye, olw'oluse lw'eggwanga mw'ava, olw'enfaanana ye mu langi olw'eggwanga mw'ava, olw'obuzaale bwe, olw'enzikiriza oba eddiini ye, olw'embeera y'enfuna ye. olw'endowooza y'ebyobufuzi ye oba obulema. Noolwekyo, ku ky'okukuuma eddembe, tewali muntu yenna atekwa kusosolwa ku bikwata ku ddembe ly'obwannannyini ttaka lya mmayiro, oba ery'ekibanja, olw'ekikula ky'obutonde bwe, olw'emyaka gye, olw'ekifo ky'alimu mu nsi oba olw'obulema.
171. Ennyingo 31(i)(a) eya Ssemateeka yeeyama okukuuma omwenkanonkano mu ddembe wakati w'abakyala n'abaami abali mu bufumbo, era omwenkanonkano ogwo gugobererwa bwe wabeerawo okusattulula obufumbo. Okusinziira ku nnyingo eno, abakyala tebateekwa kufiirwa ddembe ly'okuba n'obwannannyini ku ttaka erya Mmayiro oba ery'ekibanja olwokubanga nti bannamwandu, oba obufumbo bwabwe

okusatululwa. Balina okuweebwa ekitiibwa ekijjuvu ekyenkanankana n'ekyo ekiweebwa omusajja (ennyingo ya Ssemateeka 33).

172. Ennyingo 33, 34 ne 35 eza Ssemateeka ziragira nti abakyala, abaana n'abantu abaliko obulema balina okukuumibwa, noolwekyo abakyala ,abaana bamulekwa n'abantu abalala abalina obulema balina eddembe ku bwannannyini bw'ettaka erya mmayiro oba ery'ekibanja. Eky'okulabirako, singa omuntu ayagala okugula oba okusikira ettaka, eddembe ly'abantu aboogeddwako liyina okukuumibwa abo bonna be kikwatako.

### Eddembe ly'abaana ne bannamwandu ery'obwannannyini mu byobusika.



173. Ssemateeka ayongera okukuuma abantu abateeyinza, oba abatono kibasobozese okwenyigira mu kusalawo n'okuwa endowooza zaabwe ku nsonga ezibakwatako

(Ennyingo 36 eya Ssemateeka). Bwe kituuka ku bwannanyini bw'ettaka erya mmayiro n'eryekibanja, abantu abava mu mawanga agalimu omuwendo gw'abantu abatono, bayinza okukosebwa nga batulugunyizibwa abantu abava mu mawanga agalimu abantu abangi mu kitundu. Kino kirina okwewalibwa; ekyokulabirako, Ekitundu kiyinza okubeeramu Baganda nga be basinga obungi, ne bagezaako okuwamba ettaka okuva mu Bakonzho olw'okuba nga bo omuwendo gwabwe mutono.

174. Aboobuyinza aba L.C, RDC, Poliisi, obukiiko bw'ettaka, enkiiko z'ettaka, Bakkaawo n'abalala, bayina okulaba nti abantu abateeyinza gamba ng'abaliko obulema okufaanako n'abakyala, abaana, nabo baweebwa endabirira n'obukuumi obwenjawulo nga Ssemateeka bw'alagira.


### **Obukuumi bw'abantu abateeyinza obuli mu Tteeka ly'Ettaka**

175. Etteeka lye Ttaka liyina obuwaayiro obwoyera ku by'obukuumi bw'abantu abanafu oba abateeyinza. Ekitundu 27 kyogera ku ddembe ly'abakyala, abaana n'abantu abalina obulema ku by'obwannanyini bw'ettaka ery'ennono. Ekitundu kino kijuliza ennyingo 33, 34 ne 35 eza Ssemateeka. Mu kitundu kye kimu, okusalawo kwonna okukolebwa, kulina okukuuma obwannanyini, oba obusenze bw'abakyala, abaana oba abantu abaliko obulema; kiba kimenya Ssemateeka omuntu okusalawo nga tagoberedde buwaayiro obwo, era ekisaliddwawo kiba kifu bwe fuffululu.
176. Ekitundu 38A, eky'Etteeka lye Ttaka eryalongoosebwamu erya 2014 kirambika amateeka agakuuma oweekibanja nga mukyala oba mwami ku ttaka ly'aliko n'ab'omu maka. Kino kitegeeza nti omukyala oba omwami atekwa okubeera ku kibanja ky'ab'omu maka; atekwa okuba nga mufumbo mu bufumbo obuli mu mateeka. Ensonga ezikwata ku bufumbo zoogeddwaako mu ssuula ey'okutaano.
177. Abasajja oba abakazi abali mu bufumbo bateekwa okuwa olukusa ku kugulagana kwonna okukwata ku ttaka ly'ab'omu maka eryogerwako mu kitundu 39 eky'Etteeka lye Ttaka eryalongoosebwamu; muno mutwalirwamu okutunda, okuliwaanyisaamu, okugulana kw'omusingo, omusingo oba okussa liizi ku ttaka eryo. Kino kitegeeza nti singa ettaka oba ekibanja kiba nga kiwandiisiddwa mu mannya g'omusajja, ng'ate ly'ettaka ly'ab'omu maka, okugulagana kulina okukolebwa nga waliwo olukusa okuva ew'omukyala, ate singa ettaka liba liri mu mannya g'omukyala, omwami we

y'alina okumuwa olukusa.

178. Mu ngeri zonna ezikwata ku Tteeka lye Ttaka, ba L.C, abakulembeze b'obukiiko obukola ku ttaka, enkiiko ezikola ku ttaka, n'abakulembeze abalala a bavunaanyizibwa ku nsonga z'ettaka, balina okulaba nti eddembe ly'abantu abateeyinza nga mw'otwalidde abaana, abakyala n'abantu abaliko obulema, eddembe ly'abantu bano lirina okukuumibwa n'okulissaako omwoyo.

### Omufumbo ng'awa musajja we olukusa lw'okutunda ku ttaka





## Engeri z'okumalawo enkaayana

179. Eddembe ly'abakyala n'abantu abalala abateeyinza teritera kufiibwako mu ngeri z'okumalawo enkaayana. Ekyokulabirako, enkaayana bw'eba kubwa nnannyini bw'ekibanja bw'ettaka abomunju we bakolera, omwami ayinza okutunda n'akola endagaano eraga nti atunze era agenda kuvaawo. Bw'amala, asobola okukozesa ssente z'afunye mu kutunda n'apangisizaamu abomunju omuzigo n'abassa omwo. Agenda mu maaso okukozesa ensimbi ezisigaddewo nga bw'ayagala ,olwo n'aleka mukazi we n'abaana nga basuliddwa awo. Noolwekyo, kisaana okwegendereza okulaba nti obwannannyini bw'abantu abateeyinza bukuumibwa mu ndaagano zonna eziba zikoleddwa.
180. Singa abantu abateeyinza bafuna enkaayana, kaweefube alina okukolebwa okulaba nti engeri z'okumalawo enkaayana, zirimu okuwuliriza enjuuyi zombi, era okusalawo ku bwannannyini ,kirina okukolebwa mu bwenkanya awatali ku nyigiriza mu nteeseganya, oba okutawulula ,oba okutabaganya enjuuyi z'abantu abateeyinza. Mukwano gwabwe,oba omuntu owekinywi kyabwe ayinza okulondebwa n'ayambako mu nteeseganya oba okubatabaganya.
181. Kaweefube alina okukolebwa okuyigiriza abantu bonna abeenyigira mu kugonjoola enkaayana, okufaayo ennyo ku nsonga ey'okukuuma eddembe ly'abantu abateeyinza, oba abanafu.

## EKITABO EKIRUDDAMYA ENKOLAGANA Y'ABANTU KU TTAKA ERYOBWANNANNYINI ERYA MMAYIRO

Obwannannyini ku ttaka lya mmayiro y'enkola esinga okubaako amateeka mu Uganda nga gaviira ddala mu Ndagaano ya Buganda eya 1900. Okulongoosa mu mateeka kubadde kukolebwa okumala emyaka, naye era likyaliko obumulumu mu bitundu ebimu obuva ku nsonga z'abeebibanja ezitannagonjoolwa.

Enkola eno yazzibwawo mu Semateeka wa 1995 n'Etteeka ly'Ettaka, n' okulongoosa amateeka amalala gonna agakoleddwa. Newankubadde ng'enkyukaakyuka ezaakolebwa nga ziva mu Ssemateeka wa 1995 n'Etteeka ly'ettaka, zaali zisuubirwa okuleetawo obutebenkevu ku bwannannyini ku ttaka erya mmayiro, wabula ate kino tekinnabaawo.

Ekitabo kino kifunzizza ebiteekwa okumanyibwa ku ttaka ne kibissa wamu, mu lulimi olutegeerekeka, era kyangu kyakujulizaako abakulembeze abakola ku by'ettaka ku mitendera egy'enjawulo; n'abantu ababeera awamu abeetaaga okumanya ebikwata ku ddembe lyabwe mu nsi. Ekitabo kitegekeddwa mu ngeri ejja okugasa abantu bonna abalina akakwate ku ttaka erya mmayiro. Ekitabo kino kigendereddwamu okunyonyola n'okussa mu nkola etteekaly'ettaka, kisobozese bannannyini ttakan'abeebibanja okukolagana obulungi.



### Published by

Deutsche Gesellschaft fuer Internationale  
Zusammenarbeit (GIZ) GmbH  
Registered offices: Bonn and Eschborn Germany  
Rural Development, Agriculture (Department  
G500) Friedrich-Ebert-Allee 36+40  
53113 Bonn, Germany

T +256 (0) 392 004 142  
E [thorsten.huber@giz.de](mailto:thorsten.huber@giz.de)  
W [www.giz.de](http://www.giz.de)

**Responsible**  
Thorsten Huber

### Printed by

In-line Print Services Ltd

### Photo credits

GIZ/Martina. Bacigalupo

GIZ is responsible for the content of this publication  
February 2018